


KATONDA NGA YEEYOLEKA OKUYITA MU NNEEYISA ZE

 Kyanneewuunyisizza nnyo okulaba mukwano gwange, Joseph Boze, wali, era nnakyuse ne ntwala akaseera okumukwatako mu ngalo.

² Leka tubikkule kaakano mu Kigambo kya Katonda, mu Abaebbulaniya, essuula 1. Njagala okubaako kye nsoma, nga ekitundu, olunyiriri 1, 2, n'olwo 3, okusobola okuggyawo eky'okwogerako ekiro kino.

*Katonda edda bwe yayogereranga mu bitundu ebingi
ne mu ngeri ennyingi eri bajjajaffe mu bannabbi,*

*mu nnaku zino ez'oluwannyuma yayogera naffe mu
Mwana, gwe yassaawo okuba omusika wa byonna, era
gwe yatonza ebintu byonna;*

*Oyo bw'ali okumasamasa kw'ekitiibwa kye
n'ekifaananyi kye ddala bw'ali, era bw'asitula ebintu
byonna n'ekigambo eky'obuyinza bwe, bwe yamala...
n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogw'Obukulu waggulu;*

³ Tukoteke ku mitwe gyaffe kaakano tusabe. Era kaakano mu Kubeerawo Kwe okw'Obwakatonda, bw'oba olina ekyetaago kyonna kye wandiyagadde okumutegeeza, yimusa buyimusa omukono gwo, bwe kuba nga kwe kusaba kwo, nti Katonda anaa...

⁴ Kitaffe Ow'omuggulu, tujja kaakano mu maaso ga nnamulondo Yo, olw'okukkiriza mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana Wo. Era twaweebwa obukakafu buno, nti, "Bwe tusaba ekintu kyonna mu Linnya Lye, kinaatuweebwa." Era Ggwe omanyi okuyaayaana kwaffe n'ebyetaago byaffe, era Ggwe wasuubiza nti onaagabiriranga ebyo byonna bye twetaaga. N'olw'ekyo, Kitaffe, tusaba nga bwe watuyigiriza nti, "Obwakabaka Bwo bujje. By'oyagala bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu Ggulu." Kibeere nti okusaba kwaffe, akawungeezi kano, kunaasinziira ku bw'Oyagala okubitwa, era otuwe emikisa gino. Fuka amafuta ku Kigambo, Mukama, n'aboogezi bonna n'abawuliriza, era leka Omwoyo Omutukuvu ayingire abe nga y'akola Ekigambo, mu ffe, akawungeezi kano. Kubanga tukisabye mu Linnya Lye. Amiina.

Mutuuleeko.

⁵ Enkya ku makya, nkitegeddeko nti, lwe lukunjaana lw'ekyenkya ky'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu. Bulijjo, buli we baba bakunjaanidde, ntera okufuna

omukisa okwogera mu lukunjaana lw'ekyenkya kyabwe. Okutuusa kaakano, ekyo kye kibiina kyokka, nga weewaawo si kibiina, wabula, ekibinja ky'abantu kyokka mwe—mwengwa, ky'eky'Abasajja Abakristayo Abasuubuzi. Era kati ndi mwogezi waabwe, mu nsi yonna.

⁶ Kaakano, akawungeezi kano, tukkiriza nti okukunjaana kuno tekujja kuba kwa bwereere. Nzize gye muli, nga ndi mukoozu, n'obulago obukooye, era nnafunu n'okuziyiramukko, okuva mu . . .

⁷ Nnava mu Tucson awaali awakalu obulungi, ne nzija wano nga ate wo waliwo enkuba nnyingi nnyo ddala, n'olw'ekyo waliwo enjawulo nnene ddala. Ssinga muddira amazzi gonna agali wano, ssinga mugatuweereza eri ewaffe, kyanditukoze bulungi. Naye ekyo temusobola kukikola, nkimanyi.

⁸ Naye ka mbabuulire, awo waliwo olugero. Ebintu bya—bya—byaffe byonna mu Arizona, emiti gyaffe, gyonna gijjudde amaggwa. Buli kimu kiriko amaggwa. Ekyo kiriwo lwakuba ettaka kkalu. Kaakati ssinga ensiko eyo y'emu ekulira wano, yandibadde n'ebikoola ebirabika obulungi ddala. Okiraba, tegifuna mazzi, ye nsonga lwaki gifuuka gya maggwa.

⁹ N'ekkanisa bw'ebulwa Amazzi ag'Obulamu, ekala n'emera amaggwa, nayo, n'eba nga eriko ebikwatira n'amaggwa agafumita buli kimu. Naye amazzi ag'Obulamu we gakulukutira, ganjuluza ekikoola ne gakileetera okuba ekigonvu, nga kiweweewu kirabika bulungi, kitukuvu era nga kikkirizibwa eri Katonda. N'olw'ekyo leka Mukama Katonda atufukirire, akawungeezi kano, tuleme okuba amaggwa; wabula tube ebikoola ebirungi abantu abo abaabula basobole okutuula wansi w'omuti gw'ekisiikirize kyaffe bafune okuwummula kw'emmeeme zaabwe.

¹⁰ Kati njagala okukozesa eky'okuyigako, akawungeezi kano, Mukama nga ayagadde, era nsika akazindaalo kano kansemberere nga bwe kisoboka, olw'obutaba na ddooboozi limala. Njagala, okuva mu ssomo wano mu Abaebbulaniya 1:1, njagala okutwala eky'okuyigako ekigamba nti: *Katonda Nga Yeeyoleka Okuyita Mu Nneeyisa Ze*. Ekyo ka nkiddemu nate, kubanga nkimanyi nti amaloboozi g'omu kizimbe kino si malungi wano. Katonda Yeeyoleka okuyita mu nneeyisa Ze.

¹¹ Kati, kyenkana buli kimu kyonna kyeyoleka okuyita mu nneeyisa zaakyo. Era nnina Ebyawandiikibwa ebitonotono wano bye nandyagadde . . . ne bye nnawandiise, bye nandyagadde okujulizaako. Kati, enneeyisa y'ekintu kyonna eyoleka ekintu ekyo kye kiri.

¹² Kati, nga ne mu butonde bwonna, ebimuli byawulwa, emirundi mingi, okusinziira ku ndabika yaabyo. Bwe biba nga bisembereganye nnyo mu nfaanana, nga ekika ekimu kifaananamu n'ekirala, endabika y'ekimuli ekyo ejja kwoleka

ekimuli ekyo kye kiri. Ne mu nsolo ez'omu ttale, emirundi mingi. . .

¹³ Ndi—ndi muyizzi. Era oteekwa okumanya enneeyisa y'ensolo gy'oyigga, bwe kitaba kityo emirundi egimu oyinza okuguumaazibwa. Okugeza, nga endiga eyo eyitibwa Stone Sheep esangibwa engulu eri mu British Columbia. Nnaakava mu Yukon mu bbanga lino erigatta ekiseera ky'akasana n'obutiti, ab'oluganda abawerako abali wano kati baali nange, era twali tuyigga.

¹⁴ Kati ssinga osangibwa nga tosobola kubyawula, kumanya oba olondoola ndiga oba mpeewo, tosobola kubyawula okujjako nga oli muyizzi mugezezi. Kubanga, bifaanaganya ekisinde; bidduka bwe bibuukabuuka. Era bw'obaako ne gy'olengera ng'eyimiridde walako, nga ekwese omutwe gwayo, ki, kiyinza n'oku—n'okukuzibuwalira okugitegeera. Kyenkana byombi byenkana obunene; ekitundu kyayo kino eky'emabega, kyeru, nga eky'empeewo. Kiba kizibu nnyo ddala okubyawula. Naye amayembe gaayo galaga enkula yaayo, olw'amayembe ago. Endiga erina amayembe ageewetamu, ate yo empeewo erina amayembe amasongovu. N'ekirala, empeewo tesobola kwambuka waggulo eyo, kunoonya muddo.

¹⁵ Kati n'embuzi, nayo, bw'eba etambula, waliwo enkula ey'enjawulo eri mu mbuzi, n'endiga, nga kikwetaagisa okumanya engeri y'okubyawula, nga oli waggulu eri, kubanga byombi bibeera eri waggulu mu lusozi. Oteekwa okumanya engeri y'okubyawula. Naye bwe weetegeriza, e—embuzi bw'eba etambula ebanga eyesittala; nga ate yo, endiga ekigere kyayo kituulira ddala wansi *bwekiti*, bw'eba etambula. Eyo ye ngeri gy'ekolamu ekisinde ky'ebigere byayo. Ky'oyigga osobola okukirondoola okusinziira ku nneeyisa yaakyo olw'ebyo bye kikola, n'engeri gye kyeyisaamu, ne bye kirya, na buli kimu. Kitegeererwa ku nneeyisa yaakyo. Era bw'okangako emu ku zo, n'olaba ekibaawo, osobola okuzitegeerera ku ngeri gye ziddukamu. Osobola okugitegeera okusinziira ku nneeyisa ey'enjawulo ey'ensolo eyo.

¹⁶ Kati wali weegenderezza, ssimanyi oba mubulina wano oba temubulina, obunyonyi obwo obuyitibwa yellowhammers; weewaawo, erinnya lyabwo ettuufu buyitibwa flicker, n'akalala kayitibwa ebbuukamugogo. Ebbuukamugogo kyenkana lyenkana ne yellowhammer. Era bw'olaba obubiri obwo nga bubuuka, kyenkana bwombiriri bufaanagana. Ne bw'otatunuulira langi yaabwo, naye n'obwekkaanya bwekkaanya, osobola okumanya ka yellowhammer ke kaliwa ku bwombi. Ebbuukamugogo bwe liba libuuka, kyenkana, ligenda butereevu. Naye ate ka yellowhammer, kabuuka bwe kakuba ebiwaawaatiro byako; nga bwe kakuba ebiwawaatiro byako, kakkirira ate ne kambuka, ne kakkirira ate ne kambuka. Okiraba, kaba nga akabuukabuuka, bwe *katyo*, era osobola

okukitegeera nti eyo ye nneeyisa ya ka yellowhammer, olw'engeri gye kabuukamu.

¹⁷ Bwe weetegereza e—enkwaale ng'ebuuka, n'engeri gy'ebuukamu. N'ekirala weetegereze bw'oba mu lutobazzi, enkwale gye zitera okuba, n'a—n'akanyonyi akayitibwa snipe. Mmwe abayizzi ekyo mukimanyi. Ka Wilson snipe ne ka jacksnipe, butegeerwa okusenziira ku ngeri gye bubuukamu n'erjenda yaabwo. Butegeerwa ku ngeri gye bubuukamu, kika ki eky'obunyonyi mwe bugwa. N'olw'ekyo, ne bw'obuwulira buwulizi, osobola okubwawulirawo, olw'engeri gye katambulamu, n'okategeera, okusenziira ku ngeri gye kabuukamu.

¹⁸ Kiringa omusajja n'omukazi. Bombi bantu, naye omukazi alina enneeyisa ezimwawula ku musajja. Nnali nsoma wano, gye buvuddeko, ku Sulemaani ne kabaka omukyala. Sinnasobola kubuulira Bubaka bwange obwo wano, gye muli, obukwata ku kabaka omukyala ow'omu Bukiikaddyo, bwe yajja okulaba Sulemaani, n'okulaba ekirabo ekyo eky'amagezi. Nnali nkisomako, wano ebbanga ssi ddene eriyise, nga bagamba, nti, "Akamu ku bukunizo obwateekabwa mu maaso ga Sulemaani, kaali nti, kabaka ono omukyala yaddirira omukazi, oba abakazi, manya, n'abambaza nga abasajja."

¹⁹ Kati, ekyo tekyaali kya bulijjo n'akatono mu biro ebyo, naye kye kiri ku mulembe, ennaku zino. Era—era mukimanyi nti ekyo kikyamu. Bayibuli egamba nti omukazi tasaanidde kukikola. "Kya muzizo omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja." Era Katonda oyo atakyukakyuka ye yakyogera, n'olw'ekyo kituufu.

²⁰ Kati tukiraba nti Sulemaani, bwe yali tannabeetegereza nnyo, yasaba batambule oba babeeko ne kye bakola, era mangu ddala n'agamba nti, "Bakazi." Okiraba, yasobola okutegeera okusenziira ku nneeyisa y'omukazi oyo, engeri gye yali yeeyisaamu, n'amanya nti yali mukazi so si musajja.

²¹ Era kyenkana buli kimu kyonna kiri mu ngeri y'emu eyo, n'enneeyisa yaakyo. Nga bwe kiri nti abantu bangi abakozesa omukono ogwa kkono, n'abalala ogwa ddyo. Bategeerwa ku ngeri gye beeyisaamu. Osobola okumanya nti ono akozesa ddyo, oba wa kkono, okusenziira ku ngeri gye beeyisa, mu ngeri bulijjo gye bakozeesamu omukono ogwo ogwa kkono oba ogwa ddyo.

Era jjukira nti, Yesu yalina ekintu bwe kityo, eky'o . . .

²² Emikono gyombiriri kyenkana gi . . . Gifaanagana. Giriko ebinkumu ebifaanagana, ebinkumu, engalo ttaano; nasswi, olunwe, n'endala. Nga omukono ogwa ddyo n'ogwa kkono bwe girina engalo ezifaanagana, mu ngeri y'obutonde eya bulijjo, n'obunene bw'ekibatu bwe bumu, ddala. Era enjawulo yokka eriwo eri nti, ku gyombi, ogumu gwa kkono ate omulala gwa ddyo. Eyo ye njawulo yokka kw'osobola okugyawulira. Ogumu gwa kkono, omulala gwa ddyo.

23 Kati mu ekyo, Yesu n'agamba...Nnyinza okubaako ensonga gye nagoonako wano. Yesu yagamba, mu Matayo 24, nti, "Enneeyisa z'Omwoyo ziriba kyenkana zifaanagana mu nnaku ez'oluvannyuma, nga zifaanagana nnyo okutuusa nti zandirimbye n'abalonde ssinga kyali kisoboka." Okiraba, ziriba kyenkana...

24 Bw'oddira omukono gwo n'oguyimusa waggulu. Olaba, bw'otegendereza, ogumu gufaanagana ne gunnaagwo, mu buli kimu, wabula ogumu ku gyo gwa kkono ate omulala gwa ddyo.

25 N'emyoyo bwe gityo bwe giri mu nnaku ez'oluvannyuma. Kyenkana gifaanagana, naye girina enneeyisa kw'ogitegeerera. Ogumu mutuufu, ate omulala mukyamu, era gisobola kutegeererwa ku nneeyisa yaagyo.

26 Omwoyo gwa Katonda gusobola okutegeerwa okusinziira ku nneeyisa yaagwo. Okiraba? Omwoyo gwa Katonda, n'omwoyo gw'ekkanisa. Waliwo omwoyo gw'ekkanisa, n'Omwoyo gwa Katonda ogwawukanira ddala, ku mwoyo gw'ekkanisa.

Waliwo omwoyo gw'ekibiina ky'eddiini.

27 Waliwo omwoyo gw'abantu b'eggwanga. Waliwo n'omwoyo gw'eggwanga. Buli ggwanga, bwe njendayo, bw'oliyingiramu, osangamu omwoyo ogw'enjawulo. Nnagendako mu Finirandi, bantu balungi, naye waaliyo omwoyo ogw'Ekiffinni. Nnagendako emmanga mu Bugirimaani, waliyo omwoyo ogw'Ekigirimaani.

28 Gye buvuddeko wano, nnali ntambulako ne mukyala wange, bwe twali tukyabeera mu Indiana, emyaka mitono egiyise, nga tugenda mu ka supamaketi akatonotono. Nnali nnaakadda eka. Twalina okugenda okufunayo ku mmere. Era bwe nnali njendayo, twa...Kyali kiseera kya musana, muyinza n'obutakikiriza, naye twasisinkana omukazi eyali ayambadde ekiteeteeyi. Kyali kyewuunyisa nnyo, Nna...Kyanneewuunyisa. Ne—ne njamba nti, "Tunula wali, ekyo nga kyewuunyisa, omukazi oli ayambadde ekiteeteeyi." Abalala bonna baali bambadde engoye ezitaa...ezitasaanira mukazi kwambala. N'a—n'agamba nti...Ne njamba nti, "Weewaawo, ogwo gwe mwoyo gw'Abamerika, okiraba, ggwe mwoyo gw'Amerika."

29 Kaakati, omwoyo gw'Amerika, mwo...liteekwa kuba ggwanga Ekkristayo, naye ate omwoyo gw'eggwanga lino si mwoyo gwa Bukristayo. Lyandiyitibwa eggwanga Ekkristayo, naye liri wala nnyo ddala okuva kw'ekyo, mu nneeyisa. Kale, omukazi ono, ne njamba...

N'anjamba nti, "Naye, ffe tetuli Bamerika?"

30 N'agamba, ne njamba nti, "Nedda. Wano tubeerawo bubeezi. Eno ye nsi yaffe. Mwe—mwe—mwe tubeera. Tugyagala. Lye ggwanga erisingayo obulungi mu nsi yonna. Naye, ate nga, tetuli Bamerika." Ne njamba nti, "Tusibuka Waggulu.

Omwoyo Omutukuvu yakka wansi, era tuli ba Bwakabaka. Obwakabaka obwo si bwa mu nsi eno.” Ne n̄namba nti, “Eyo ye nsonga lwaki bannyinaffe bambala ebiteeteeyi, bakuza enviiri empanvu, era tebeekolako na bya kwewunda. Okiraba, empisa zaabwe zibooleka mu ngeri ‘ey’obutukuvu eri Mukama,’ obuva Waggulu.”

³¹ N’olw’ekyo, tunoonya Obwakabaka. Tunoonya Kabaka agenda okujja atwale abantu Be mu Bwakabaka Bwe. Era bategeererwa ku mpisa za—zaabwe, nti eby’obugagga byabwe si bya mu nsi muno oba mu ggwanga lino. Bya waggulu, mu Kitiibwa. N’olw’ekyo, bo, “Banoonya Ekibuga nga Omuzimbi era Omukozi Waakyo ye Katonda.” Baawukanira ddala ku balala.

³² Mpulira ssinga mbadde n’eddoboozi erimala okubabuulira kw’ekyo ekiro ekimu. Naye ekyo nki—nkivuddeko. Kaakati, nga kitegeererwa ku nneeyisa zaakyo.

³³ Tulaba wano eky’okulabirako ekirungi mu biseera bya Isiraeli, nga bajja mu nsi ensuubize. Era Katonda yali yabayita okusenziira ku kisuubizo Kye. Yagamba Ibulayimu nti, yali wa... ezzadde lye lyali lya kubeera mu ggwanga lino eritali lyabwe, okumala emyaka ebikumi bina, n’oluvanyuma yali wa kumununula n’omukono ogw’amaanyi era ogw’ekitalo, era baali ba kugenda mu nsi, eyo, eyasuubizibwa, ekulukuta amata n’omubisi gw’enjuki. Era ekiseera ky’ekisuubizo bwe kyatuuka, ne wajja Falaawo e—eyali tassaamu kitiibwa buweereza bwa Yusufu obw’ekitalo bwe yalina mu makkati gaabwe.

³⁴ Era, olwa kino, Katonda n’ayimusa nnabbi ayitibwa Musa. Era omusajja ono yali yayigirizibwa mu magezi gonna ag’Abamisiri. Tewali kubuusabuusa kwonna yali musajja wa kitalo, mugezi, era omukenkufu, kubanga yali asobola n’okuyigiriza Abamisiri amagezi. Yalabika nga omusajja yennyini omu—omutuufu asobola okununula abalala.

³⁵ Naye, olaba, ffe kye tuyita obununuzi, ne Katonda ky’ayita obununuzi, byawukana.

³⁶ Kati wekkaanye omusajja ono n’ebisaanyizo bye byonna. Yali akimanyi bulungi nti yazaalibwa kununula baana ba Isiraeli. Naye ate, nga mu kuyigirizibwa kwe kwonna, ekyo kyokka kye yali akimanyiiko, nga ogasseeko n’okumanya nti yayitibwa Katonda okukola omulimu ogwo, yalina... Yalina Ddiguli ye esooka, ne Ph.D. ye, ne LL.D., n’ebirala. Bw’atyo n’agenda okununula Isiraeli, era n’alemererwa ddala.

³⁷ Kati weetegereze, kyalabika nga nti, eky’okubeera nti ye yali ayolekedde nnamulondo mu Misiri, okufuuka Falaawo, nti yali asobola okununula abaana ba Isiraeri oluvanyuma lw’okufuuka Falaawo, kubanga ye yali addako okutuula ku—ku nnamulondo. Naye, olaba, ekyo, mu kukikola bw’atyo, tekyandyolesezza nneeyisa ya Katonda mu kununula abantu Be.

38 Yali yagamba nti alibanunula. *Yali* wa “kubanunula n’omukono ogw’amaanyi,” so si Musa kubanunula n’eggye ery’amaanyi, wabula Katonda ye yali ow’okukikola n’omukono ogw’amaanyi.

39 Tukiraba nti nnabbi ono yadduka n’agenda abeera mu ddungu okumala emyaka amakumi ana. Falaawo kyamutwalira emyaka ana okubaako obuyigirize bw’amuteekamu, ne Katonda kyamutwalira emyaka ana okubumuggyamu. Kale tukiraba nti, lumu, bwe yali, ku ludda luli olw’eddungu, yasisinkana Mukama Katonda mu kisaka ekyaka, mu nkula ey’Empagi y’Omuliro nga eri mu kisaka. Era yalagirwa okwambulamu engatto ze, nti, ekifo we yali ayimiridde kyali kitukuvu. Kati wekkaanye omusajja ono omulungi, omugunjufu, era omuyivu, nga bwe yali, wekkaanye engeri enneeyisa ze bwe zaakyusibwa oluvannyuma lw’okusisinkana Katonda. Yakola ekisinga . . .

40 Ebiseera ebimu Katonda akola ebintu mu ngeri ennyangu ennyo, era engeri ey’obusirusiru ennyo, eri endowooza y’omubiri. Laba omusajja eyali alemereddwa ddala; nga yeetooloddwa amagye g’Abamisiri gonna na buli kimu kyonna okukola okwagala kwa Katonda, n’obuyigirize bwe bwonna, ku myaka ana egy’obukulu, nga ali mu myaka gye egisinga okuba egy’omugaso. Kati wuuno wano, ku myaka kinaana, enkeera, ng’ali ne mukyala we yeebagadde ennyumbu, nga aleze omuwere, n’omuggo mu mukono gwe, nga aserengeta e Misiri, okuwamba. Kati ggwe yogera ku kintu eky’obulalu! Naye ekyo kyali kiraga nneeyisa za Katonda, kubanga yalina omusajja asobola okukkiriza Ekigambo Kye. Ky’ekyo kyokka. Ensonga yaakyo eri nti, wali osobola okuteebereza olulumba olw’okuwamba nga lukolebwa omuntu omu ayolekedde Misiri, nga, n’eggye eddamba lyali liremeddwa? Naye kyali kiki? Enneeyisa ye, obukodyo bwe bwali bukyusiddwa. Yali agenda mu Linnya lya Mukama, “NDI EKYO KYENDI.” Ekikulu kyali nti, yawamba. Yakikola, kubanga yali agendera mu Maanyi ga Mukama.

41 Mu lugendo lwe, nga akulembeddemu Isiraeri okugenda mu nsi ensuubize, yasisinkana muganda we, muganda we ow’omu kibiina ky’eddiini, Mowabu. Kati, Mowabu, mu buli ngeri tebaali bakaafiiri. Abo be baana abaali bazaalibwa muwala wa Lutti. Omu ku baana baabwe yali—yali yazaala Mowabu.

42 Kati, waggulu eyo, njagala mwetegereze amawanga gano gombiriri, bwe gaawukana. Wano tulaba Misiri, ng’evaamu akabiina k’abantu abatono abaasaasaana, nga abatalina wa kudda, tebalina bukulembeze bwonna yadde kabaka, oba ekintu kyonna, oba abakungu ab’ebitiibwa bonna mu makkati gaabwe, nga bantu abali mu lugendo lwabwe okugenda mu nsi ensuubize. Kati baabano wano nga balina okuyita mu nsi ya Mowabu. Baali mu lugendo lwabwe mwennyini olubatwala eri ekisuubizo.

43 Ne Mowabu, nabo, baali bakkiriza abakkiriza mu Yakuwa, era baalina ne nnabbi. Ne Isiraeri yalina nnabbi. Bombi baalina banabbi.

44 Kaakati weetegereze, baali batuuse mu awantu nga nnabbi w'eggwanga lino eryali liddukanyizibwa ku nkola y'obuntu aserengeta okukolimira eggwanga lino eddala, kubanga lyali lya bantu ababungeeta obubungeesi, nga tebalina kifo kya nkalakkalira we babeera. Bwe batyo ne baserengeta.

Era wekkaanye bannabbi abo bombi: Bwe kituuka ku nnono ezisookerwako, bombiriri baali batuufu mu byonna. Kubanga, laba, Balamu, omulabirizi, bwe yamugamba nti, “Kaakano, nzimbira ebyoto musanvu.”

45 Musanvu gwe muwendo gwa Katonda omujjuvu, ogukiikirira Emirembe Omusanvu egy'Ekkanisa, ennaku omusanvu ez'okutonda, n'ebirala. Kati weetegereze, musanvu, Katonda atuukirizibwa mu musanvu.

46 “Ebyoto musanvu, ku buli kyoto oteekako e—ente ennume.” Kati ekyo kye kyoto kye kimu kyennyini kye baalina emmanga mu lusiisira lwa Isiraeri. Baabali emmanga mu Isiraeri, nga balina ekyoto kye kimu kye balina waggulu wano; ne ssaddaaka y'emu, ente ennume n'ente ennume; nnabbi ne nnabbi. Amawanga abiri, agaawukana.

47 Ekifaananyi kyennyini eky'ekiseera kye tulimu, ssinga tubadde n'obudde obw'okukyogerako. Weetegereze, Katonda nga akikolera mu ngeri y'olugero, tusobole okukizuula, okuyita mu kugeraageranya.

48 Kati, n'ekirala, Balamu yasabanga endiga ku buli kyoto. Ekyo kyali kyogera ku kukkiriza kwe mu Masiya eyali ow'okujja. Endiga, endiga ennume, eyo ye ssaddaaka y'emu gye baalina emmanga mu Isiraeri; emmanga mu lusiisira lwa Isiraeri, gye baalina ne waggulu eno. . . mu Mowabu. E. . . Mu nnono enkulu zonna, bombi baali batuufu, naye, wekkaanye, mu nnono enkulu ez'enjigiriza.

49 Naye nnabbi omu emmanga mu lusiisira lwa Isiraeri yalina enneeyisa za Katonda n'Ekigambo kya Katonda. Yasigala yeekutte ku kisuubizo kya Katonda eky'omulembe ogwo, kubanga yali mu lugendo nga agenda mu nsi ensuubize. Okiraba?

50 Kati, ku bikwata ku nnono ezo enkulu, Balamu, Balaki yali azikkiririzaamu nga ne Musa bwe yali azikkiririzaamu.

51 Naye, olaba, Musa, nga bwe kiri nti ye yali nnabbi wa Katonda omutuufu, teyalina nnono nkulu zokka, wabula yalina n'okukakasibwa kwa Katonda. Okiraba, yali mu mulimu gw'obuvunaanyizibwa, ogwo gwennyini ogwali gwasuubizibwa eri omulembe ogwo; ssi eri omulembe gwa Nuuwa, naye eri omulembe ogwo. “Ndibatwala mu nsi ekulukuta amata n'omubisi gw'enjuki.” Baali mu lugendo lwabwe, era Isiraeri

baali beeyoleka wamu ne nnabbi waabwe, Musa, n'Obubaka bw'omulembe ogwo. Enneeyisa za Katonda zaalabisibwa mu Musa. Empagi y'Omuliro yali emugoberera. N'okutangirirwa yakulina mu bikolwa; nga takwogerako bwogezi, naye nga akulina mu bikolwa. Ssi ekyo ekiribaawo mu maaso; wabula ekiriwo mu kaseera kano kennyini!

⁵² Wekkaanye, yalina omusota ogw'ekikomo ogwali gwawanikibwa olw'obulwadde n'endwadde z'abantu, n'olw'ekyo Musa yali ateeka mu nkola okuwonyezebwa okuva eri Katonda. Yalina okutangirirwa, omusota ogw'ekikomo, ogwali gwoleka nti Katonda mu lusiisira yalimu, era abantu baatunulanga ku musota ogwo ogw'ekikomo ne bawonyezebwa.

⁵³ Yalina n'Olwazi olwakubibwa nga lumugoberera. Era olwo lwali lwoleka Katonda, okukuumira Amazzi ag'Obulamu mu makkati gaabwe, essanyu n'obulokozi, baleme okuzikirira wabula babeere n'Obulamu obutaggwaawo. Kyali kifaananyi ekyo. . . Olwazi olwo olwakubibwa mu ddungu kyali kifaananyi kya Kristo nga akubibwa.

⁵⁴ N'ekirala, baali batambulira mu kisuubizo. Ekyo nakyo kwali kulabisibwa kulala, okulaga enneeyisa ya Katonda. Ono omulala newankubadde yalina ennono zonna ez'omu Kigambo; ye yalina ennono enkulu, nga ogasseeko n'okulabisibwa, n'enneeyisa ya Katonda mu makkati gaabwe. Katonda yeeyolekanga Mwene. Bannabbi babiri, nga bombi bannabbi, era nga bombi bali ku nnono enkulu; naye Katonda enneeyisa Ze yazoolekera mu Musa, kubanga yalina enneeyisa ya Katonda mu ye.

⁵⁵ Kati, era, enneeyisa za Katonda bulijjo ziba zisukkulumye amaanyi ag'obutonde, kubanga Ye assukulumye amaanyi ag'obutonde. Katonda assukulumye amaanyi ag'obutonde. Teziba za bulijjo, lubeerera, eri endowooza y'omulembe eba eriwo mu kiseera ekyo. Ekyo mukimanyi. Katonda bulijjo abadde atabangula embeera, eri—eri ebibiina by'amadiini mu buli mulembe ogwali gubaddewo.

⁵⁶ Era tewabangawo mulundi n'ogumu omuntu oba ekibiina ky'abantu lwe baali beekozeemu ekibiina ekigunje ku bubaka ne batafa mu mwoyo era ne bawanikibwa ku masa, obutaddamu kusituka nate. Tewali byafaayo. Abaluzalaani, Abapulesibiteriyani, Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapentekoote, n'abalala bonna, tebaddamu kusituka nate, bwe batandika okukikolamu ebibiina.

Katonda akolagana na bantu kinnoomu.

⁵⁷ Weetegereze, tategeerekeka eri endowooza ya bulijjo ey'awamu. Okiraba, tutwalibwa enkola ey'omulembe, ne tuba nga tulina kukikkiriza mu ngeri *eno*. Kati awo Katonda bw'ajja n'Ekigambo Kye kye yasubiza, ne yeeyolekera mu Kigambo

ekyo. Ekibiina *kino* kiba tekisobola kugenda gye Kiri, kubanga tekikikiriza. Okiraba, kiba kyamala dda okukyesalako.

⁵⁸ Nga Yusufu bwe yali, yali mwana wa Dawudi, era nga musajja mulungi, Yusufu bba wa Malyamu. Yali musajja mulungi, era tewali kubuusabuusa Bayibuli yagisomanga, emizingo, yagisomanga bulijjo, kubanga . . . era yali alindirira Masiya eyali ow’okujja, era yalina okumanya Ebyawandiikibwa kye byogera eky’okubaawo. Isaaya yagamba nti, “Embeerera eriba olubuto.”

⁵⁹ Kale, kaakati, yali agenda n’omuwala ono omuto, Malyamu, oba oli awo yali wa myaka nga kkumi na munaana, era nga osanga yali amusingako n’obukulu. Kati bwe baasiimagana okufumbiriganwa, naasangibwa nga ali lubuto. Kati ekyo kyali kizibu eri Yusufu okukikiriza. Tewali kubuusabuusa Malyamu atekwa okuba nga yamubuulira ku kukyala kwa Gabulyeri. Naye tulaba, engeri enneeyisa ye gye yali emukulemberamu, yakibuusabuusa.

⁶⁰ Kati yasangibwa n’olubuto nga tebannagattibwa. Ate, mu Bayibuli, ekibonerezo ky’ekyo kwali kufa, nga bakukuba mayinja. Omukazi atali mufumbo okusangibwa n’olubuto, yalina kukubwa mayinja. Tewaaliwo bwamalaaya mu Isiraeri. Bwaggyibwangamu. Ekyo bwetutyo bwe tukiraba, mu Eky’amateeka, bwe watugamba bwe watyo.

⁶¹ Kati tukiraba nti, Malyamu, yalabika nga eyali agezaako okukozesa Yusufu nga ow’okubikikirira ekikolwa ye kye yali akoze. Kubanga, ssinga yasangibwa n’olubuto nga ate tebannaba kufumbiriganwa, yalina kukubwa mayinja, kale yalina okufuna omuntu kati asobola okuyimirirawo nga engabo ye. Era ekyo kyalabika nga, kyennyini, kye yali agezaako okukola.

⁶² Naye Yusufu bwe yatunula mu maaso ge ago ag’embira amalungi, ng’amugamba nti, “Yusufu, Gabulyeri yanjambye nti, ‘Omwoyo Omutukuvu ajja kukukkako, n’Ekyo ekiriba mu ggwe—mu ggwe kya Mwoyo Mutukuvu. Ye Katonda. Bwe kityo Ekyo bwe kiriyitibwa, nti “Mwana wa Katonda.”” Ne, Yusufu, ya—ya—yayagala okukikiriza, naye kyali tekikirizika. Ekyo kyali tekibangawokko.

⁶³ Era bwe kityo bwe kiri leero. Ssinga tubadde tusobola . . . Ssinga mbadde n’engeri y’okuleeteramu abantu okukiraba nti obutakkirizika bw’ekintu kyonna, bwe kiba nga Ekigambo kikyogerako, awo enneeyisa zaakyo zikakasa kiki kye kiri. Abeera Katonda mu bikolwa.

⁶⁴ Kino Yusufu yali atekwa okuba nga akimanyi. Yali atekwa okuba nga akimanyi nti, “Embeerera eriba olubuto.” Naye yali wa mazima ku bikwatagana naky. Teyayagala kumugoba, mu kyama, naye ya—yali alowooza okukikola.

65 Awo Malayika wa Mukama n'amulabikira mu kirooto. Wali weewuunyizzaako lwaki yalabikira mu kirooto? Tewaaliwo bannabbi mu biro ebyo. Ekirooto kyabwe kyali kyangu nnyo, nga tekyetaagisa kuvvuunulwa kwonna. N'agamba nti, "Yusufu, ggwe omwana wa Dawudi, totya kutwala gy'oli Malyamu mukyala wo, kubanga ekyo ekiri mu lubuto lwe kya Mwoyo Mutukuvu." Olaba, ekyo kati, kyali kimala. Okiraba, y'Ajja gyali mu kirooto, nga gwe mutendera ogwa wansiko. Naye, olaba, tewaaliwo nnabbi mu kiseera ekyo kukakasa Kigambo ekyo, nti, "Eno ye mbeerera eyali ey'okufuna olubuto." Okiraba? Kale, n'olw'ekyo, yamulabikira mu kirooto, olw'okuba yali wa mazima nga mutuukirivu era nga musajja mulungi.

66 Era nzikiriza nti Katonda ajja kujja eri omusajja yenna omulungi, mu ngeri emu oba endala, akakase enkola Ze eri omusajja oyo omulungi, olw'omulembe ogwo, omusajja oyo ssinga aba nga yayitibwa Katonda ku lw'omulembe ogwo.

67 Kati, naye tekyali kya bulijjo n'akatono, kyali kizibu nnyo gye bali okukikkiriza. Naye, nga bulijjo, okulabisibwa okusenziira ku Kigambo ekyasuubizibwa eky'omulembe, kuba mu ngeri eno etali ya bulijjo.

Kati waliwo abantu abamu abayinza okugenda, nga bagamba nti, "Olaba, ne *kino* si kya bulijjo, oyo Katonda. *Kino* nakyo si kya bulijjo."

68 Naye, olaba, kiteekwa okuba nga kikakasibwa Ekigambo, ate Ekigambo ye Katonda. Okiraba? N'ekirala enneeyisa z'okukakasibwa kuno ziraga ye ani, kubanga Katonda yagamba nti, "*Kino* kiribaawo," era ne kibaawo. Okiraba? Enneeyisa zaakwo kwe kuba nti Ekigambo kya Katonda kirabisibwa okuyita mu nneeyisa z'ekyo ekiba kigenda mu maaso.

69 Yagamba nti mu nnaku ez'oluvannyuma alifuka Omwoyo Omutukuvu. Era yakikola. Enneeyisa zaakwo zaayoleka nti yali Katonda, Ekigambo Kye ekyasuubizibwa. Okiraba, bulijjo kyeyoleka.

70 Kaakati, bulijjo, buli mulundi, kugolola ekigambo, Ekigambo bwe kyogerwa mu bukyamu. Ekyo wali okyegenderezza? Bwe kityo bwe kyali mu biro bya Nuuwa, kwe kwagolola omulembe ogwo ogw'ekinnassayansi, okutegeeza nti Katonda yali agenda kutonnyesa enkuba okuva mu bwengula. Yali Musa, olaba, ye yabagolola bwe baali nga bonna babukalidde e Misiri, n'ebirala, naye Ekigambo kya Katonda ky'alina okujja kirabisibwe. Era Amazima g'Ekiigambo ge gagolola ensobi.

71 Leka mbeeko ne kye mbabuuza. Tuyinza okuyingirako mu buziba wano katono. Ssirina kubuulira kuyigiriza oba enjigiriza, naye muleke mbabuzeeyo ekintu kimu.

⁷² Yesu ye yali Kigambo. Ekyo tukimanyi. Bayibuli egamba nti bwe kyali. Omutukuvu Yokaana, essuula 1, “Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, Kigambo n’aba awali Katonda, Kigambo n’aba Katonda. Kigambo n’ayambala omubiri n’abeera naffe.” Akyali Kigambo. Kati bwe yategeera ebirowoozo byabwe, baali basaanidde okukitegeera nti ekyo kye kyali Ekigambo, kubanga Ekigambo kya Katonda kyagamba nti ekyo kye yalina okukola. Ye yali Nnabbi.

⁷³ Kati labayo, tukizuula nti bwe yazaalibwa, ku myaka nga kkumi n’ebiri, yayambuka ku mbaga y’amakunḡaaniro. Era baali bagenzeeyo ku kiro eky’Okuyitako. Era, bwe baali bakomawo, baali batambudde olugendo lwa nnaku ssatu n’Ababulako; nga bafumiitiriza, balowooza, manya, bateebereza nti yali mu bantu baabwe.

⁷⁴ Mu ekyo tusobola okuggyamu eky’okuyiga. Bwe kityo bwe kiri ne leero! Kati mmwe mwenna Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibiteriyani, Abaluzalaani, Abakatuliki, kyonna kye muli, olaba, mukola ekintu kye kimu. Mulowooza nti olw’okuba Wesley yalina okudda obuggya okw’amaanyi, Luther yalina okudda obuggya okw’amaanyi, oba Abapentekoote baalina okudda obuggya okw’amaanyi, mulowooza nti Ali mu makkati g’abantu, so nga ate, oluusi Aba taliimu.

⁷⁵ Baddayo bamunoonye. Baamusanga wa? Wennyini we baamuleka, e Yerusaalemi. Era bwe baamuzuula, yali akola ki? Akalenzi akato, ak’emyaka nga kkumi n’ebiri, weesanga yali tagandangako na mu ssomero nga amanyi ebyo byokka maama we bye yamuyigiriza; naye wuuno wano Ali mu yekaalu, akubaganya ebirowoozo ne bakabona bali, ku bikwata ku Kigambo kya Katonda. Era beewunya nnyo amagezi g’Omwana ono. Lwaki? Yali Kigambo. Kati labayo.

⁷⁶ Kati wano ssigezaako butabassaamu kitiibwa mmwe Abakatuliki abayita Malyamu nnyina Katonda, naye leka mbalageyo ensobi emu wano. Ekkanisa ssinga yali yazimbibwa ku Malyamu, mulabe ekyabaawo. Kati y’ajja n’agamba nti, “O, Kitaawo nange tukunoonyezza, mu maziga.” Weetegerere ekigambo ekyo, awo ate n’amenyawo obujulizi bwe ye kennyini. N’agamba nti, “Kitaawo nange tukunoonyezza, mu maziga.”

⁷⁷ Wekkaanye Ekigambo ekyo. Yali Kigambo. N’agamba nti, “Temwamanya nga kinḡwanidde okubeera ku mulimu gwa Kitange?” Wekkaanye nga Ekigambo kigolola ensobi. Awo wennyini mu maaso ga bakabona abo, yattattana obujulizi bwe. Yali yagamba nti olubuto yalufuna ku bwa Mwoyo Mutukuvu, ate wano n’agamba nti Yusufu ye “kitaawe.” Olaba Ekigambo ekyo bwe kyakibaka mangu ddala? Yali Kigambo. Kaakati, mukimanyi nti omwana ow’emyaka kkumi n’ebiri ekyo yali tasobola kukikola. Yali Kigambo. Ye yali Ekigambo ekyogere eky’omulembe ogwo, kale n’olw’ekyo okulabisibwa

kw'enneeyisa ya Katonda kwali mu Kristo. Yagololanga ensobi. Yagamba . . .

Baagamba nti, “Ndaba, tuli bayigirizwa ba Musa.” Okiraba?

⁷⁸ N'agamba nti, “Ssinga mubadde bayigirizwa ba Musa, mwandintegedde. Yawandiika ku Nze. Musa yagamba nti, ‘Mukama Katonda wo aliyimusa Nnabbi alinga nze.’ Ssinga Musa mwamutegeera Nange mwandintegedde.”

⁷⁹ Era, okiraba, Ekigambo bulijjo kigolola ensobi y'ekiseera ekyo. Naye abantu tebaagala kukikiriza. Basigala bagenda mu maaso, mu ngeri y'emu.

⁸⁰ Naye Yesu yagolola nnyina amuzaala yennyini. Era nnyina yali mu nsobi, kubanga yali yamala dda okugamba nti ono yali Mwana gwe yafuna mu nda ye ku bw'Omwoyo Omutukuvu, ate wano ne yeekuba endobo n'agamba nti Yusufu ye yali “kitaawe,” nti ye yali kitaawe wa—Yesu. Kati ssinga—ssinga Yusufu . . .

⁸¹ Ssinga yali mutabani wa Yusufu, bwekiba nti yali wa kuba ku mulimu gwa Kitaawe, yandibadde mmanga eri mu bbajjiro.

⁸² Naye yali ku mulimu gwa Kitaawe, engulu eri mu Yeekaalu, nga anenya ebibiina ebyo. Okiraba? Yali ku mulimu gwa Kitaawe, nga akyali Kalenzi ka myaka kkumi n'ebiri. “Temwamanya nga kinjwanidde okubeera ku mulimu gwa Kitange?”

⁸³ Wali weetegerezza Yesu bwe yakemebwa Ssetaani? Engeri gye yeeyisaamu awo, bwe yali mu kukemebwa Kwe, kyalaga nga bw'Ali Katonda, kubanga yasigala ku Kigambo. Okiraba? “Kyawandiikibwa,” Ssetaani bwe yagamba.

Yesu n'agamba nti, “Kyawandiikibwa,” yasigalira ddala n'Ekigambo.

⁸⁴ “Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu,” tusomye wano. “Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu,” ebyo by'ebiro eby'edda, “mu ngeri ez'enjawulo,” ngeri nnyingi, “yeeyoleka eri bannabbi Be okuyita mu kwolesebwa.” Eyo ye nneyisa nnabbi kwe yategeerwanga, bwe yayogeranga ebintu nga tebinnabaawo oluvannyuma ne bibaawo. Kati eyo ye yali enneeyisa kwe yategeerwanga, okulaga nti Katonda ali naye. Kati ekyo kyamuwanga olukusa okuvvuunula Ekigambo ky'ekiseera ekyo, kubanga, “Ekigambo kya Katonda kijja eri bannabbi,” enneeyisa ya nnabbi, gye yayogera nga tennabaawo.

⁸⁵ Bayibuli egamba nti, “Bwe wabaawo omuntu, by'ayogera ne bituukirira, oyo mumuwulirizenga; naye, bwe bitatuukirira, temumukkiriza, temumutya, naye Ekyange . . . ssinga—ssinga Ekigambo Kyange tekiba mu ye. Naye bwe kituukirira, olwo nga Ekigambo Kyange kiri mu ye.” Bw'atyo bw'ategeerwa. Eyo ye nneyisa ya nnabbi.

⁸⁶ Kati, Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu, bw'atyo bwe yayolekanga enneeyisa Ze ez'okweyoleka Mwene eri omuntu,

ng'ayogera okuyita mu muntu eyayitibwa okuba nnabbi. Kati, Bayibuli egamba nti, "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu, mu ngeri ez'enjawulo, yayogera ne bajajjaffe okuyita mu bannabbi."

⁸⁷ Nate era tusoma, mu Petero Eky'okubiri, nti Ekigambo kya Katonda kyonna be baakiwandiika. "Abasajja ab'edda, nga bakkiddwako Omwoyo Omutukuvu, baawandiika Bayibuli." Baali bannabbi. Ekigambo kyajjanga gye bali ne bakiwandiika, ne bakiwandiika wansi, nga baliko okulunnamizibwa. Ekisooka baali bannabbi abakakasiddwa, awo ne ba—bawandiika Ekigambo eky'okulunnamizibwa, era baalina okuvvunulwa okw'okubikkulirwa kw'Obwakatonda kubanga Katonda ye yakoleranga mu muntu.

⁸⁸ Kati eyo ye ngeri gye yeeragangamu mu ngeri Ze ez'okweyoleka, okwolesebwa kwabwe bwe kwakasi bwanga, eyo yali ngeri ya Katonda mu bo, nga yeeyoleka eri abantu.

⁸⁹ Kati, eyo ye ngeri yokka gye yalimu mu Kristo. Nnabbi yabanga katondo butondo akasirikitu. Naye Kristo ye yali obulamba bwa Katonda. Era Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali. Era enneeyisa Ze ze zaamwoleka, kiki kye yali, okutuusa lwe yagamba nti, "Bwe mba nga ssikola mirimu gya Kitange, temugikkiriza. Bwe mba ssirina nneeyisa ya Kitange, temunzikiriza, temukkiriza bye njogera. Bwe mba ssirina nneeyisa ya Kitange mu Nze, temukikkiriza, n'akatono."

⁹⁰ Kati, enneeyisa Ze tezikyuka. Katonda tasobola kukyusa nneeyisa Ze, nga—nga n'e—n'endiga bw'etasobola kukyusa nneeyisa yaayo, oba nga ekintu ekirala kyonna bwe kitasobola kukyusa nneeyisa zaakyo. Kubanga, kasita kiba mu nkula yaakyo nnakabala, kiba nnakabala. Era ssinga okyusa ekintu kyonna, olwo oba okikyusizza okukijja mu nkula yaakyo mwe kyangonderwa.

⁹¹ Kiringa bw'onoddira e—embizzi, osobola okunaaza embizzi n'o—n'ogisiigako langi eyo ku njala z'obugere bwayo, nga abakazi bwe bakola, n'ogisiiga ne liipusitiiki, n'ogyambaza ekiteeteeyi ekirungi. Bw'ogeza n'ota embizzi eyo enkazi, egenda butereevu mu bitosi, n'eddamu ne yeevulunga. Lwaki? Mbizzi, kye kyokka. Naye, era, naye, omanyi nti, tosobola kukola . . .

⁹² Omwana gw'endiga ekyo tegusobola kukikola. Tegusobola na kugenda mu bitosi ebyo. Tegwagala na kubyesebwezeza. Ezo ze nneeyisa zaagwo. Okiraba? Oyinza okugwambaza engoye ze zimu, naye amazima gali nti tegujja kukikola, mu mazima tegujja kugendayo. Ekirabibwa ku ngulu si kikulu; wabula ekiri munda. Kati, Katonda nga bw'ali ensulo y'obulamu bwonna . . .

⁹³ Kino tokisubwa. Ngezaako, na byonna ebiri mu nze, okubaleetera okubaako kye mulaba. Okiraba? Kigasa mmwe, ab'emikwano. Nkikola ku—ku lwammwe. Okiraba?

⁹⁴ Ssazze wano kulabibwa bulabibwa. Ssazze wano, olw'okuba tewaabaddewo walala wa kugenda. Nnazze wano kubanga nnawulidde nga nsaanidde okujja wano. Nnawulidde nti obuweereza Mukama bwe yampa buteekwa okulabisibwa mu bantu ba wano, era ngezaako okubaleetera okulaba kiki Katonda ky'ali kati. Ye ye Kigambo Kye ekyasuubizibwa. Bulijjo Ye Kigambo, era yeeyoleka okuyita mu nneeyisa Ze yasuubiza. Omuntu omu yagolokokanga mu kiseera ekimu, omuntu oyo ali mu Kigambo, era enneeyisa z'omuntu ono atekwa okugolokoka zooleka nti ono ye muntu oyo.

⁹⁵ Eyo ye nsonga lwaki Yesu yalina okuba Oyo Gwe yali. Ekyo baali basaanidde okukiraba. Tekyewuunyisa baali bazibe ba maaso. Ekintu...Baagamba, newankubadde yali akoze eby'amagero bingi, naye era tebaamukkiriza, kubanga Isaaya yagamba nti, "Balina amaaso naye tebasobola kulaba, n'amatu naye tebasobola kuwulira." Okiraba? Buli mulembe, si mulembe Gwe gwokka; wabula buli mulembe, atya, "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu, mu ngeri ez'enjawulo," naye era baali tebasobola kukiraba.

⁹⁶ Kati, enneeyisa Ze tezigwa butaka. Lubeerera zisigala ze zimu. Kati, jjukira nti, enneeyisa Ye, enneeyisa ya Katonda, tesobola kulemererwa. Ssinga eremererwa, ne Katonda aba alemereedwa. Era Bayibuli egamba, mu Abaebbulaniya 13:8, nti, "Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." N'olw'ekyo, Ye Katonda atakyukakyuka. Kyonna kye yali ku luberyeberye, akyali ekyo kye kimu. Buli ngeri yonna gye yakolangamu, buli mulundi gwonna lwe yabaako ne ky'Akola, akikola mu ngeri y'emu buli mulundi. Bw'Atakikola, kiba kitegeeza nti enkola Ye ekyuse, okiraba, era enneeyisa Ze ziba zijja kulaga ekintu ekirala ekitali kya Katonda. Okiraba? Kale awo tuba tetusobola kumanya wa . . .

⁹⁷ Nga Pawulo bwe yagamba nti, "Ekkondeere bwe livuga n'eddoboosi eritategerekeka, ani anaamanya okweteekeerateekera olutabaalo, ssinga ekkondeere livuga n'eddoboosi eritategerekeka?" Kati ekkondeere bweriba lisaanidde kuvuga na ddooboosi lya "kudda nnyuma," ekyo kye tuteekwa okukola, kudda nnyuma. Ekkondeere bwe livuga n'eddoboosi "ery'okulumba," ekyo kye tuteekwa okukola, kulumba. Naye Ekkondeere kye kiki? Kye Kigambo kya Katonda. Lyoleka Katonda, oba li—oba ligamba "kusituka, kutuula wansi, kudda nnyuma, kutegeka byakulwanyisa," kyonna kye kiri. Liba ddooboosi lya Kkondeere lya Katonda.

⁹⁸ Era eddoboosi eritategerekeka, Bayibuli bw'egamba nti ekintu ekimu kiteekwa okubaawo; omuntu omu n'agamba nti, "Ha, ekyo kyali kya mulembe mulala, ekyo." Kaakati awo waba waliwo eddoboosi eritategerekeka awo. Awo oba tojja kutegeera kya kukola.

⁹⁹ Yesu yagamba nti, “Nnina obuyinza okuwaayo obulamu Bwange n’okubweddiza nate.” Awo tewaliwo ddoobozi lyonna litategeereeka.

¹⁰⁰ Omukazi yagamba nti, “Tumanyi nti Masiya alijja; era bw’Alijja, alitutegeeza ebintu nga bye yakola.”

¹⁰¹ N’amugamba nti, “Ye Nze wuuyo.” Awo tewaliwo ddoobozi lyonna litategeereeka. “Ye Nze wuuyo.” Uh-huh! Amiina.

Baagamba nti, “Bajjajjaffe baalya emmaanu mu ddungu.”

¹⁰² N’agamba nti, “Bonna, bonna, bafu.” N’agamba nti, “Naye Nze Mugaati ogw’Obulamu oguva eri Katonda mu Ggulu.” Awo tewaliwo ddoobozi litategeereeka. “Nze Muti ogw’Obulamu, okuva mu lusuku Adeni.” Ekyo tekiriiko ddoobozi litategeereeka, n’akatono. Mazima ddala tekiriiko. Tewali kitategeereeka ku kyo. Yali mukakafu mu buli kimu kyonna kye yakola.

¹⁰³ Bayibuli tewa ddoobozi litategeereeka. Eyoleka enneeeyisa ya Katonda mu ddoobozi lyayo.

¹⁰⁴ Yesu yagamba, mu njiri y’Omutukuvu Yokaana 10:37 nti, “Bwe ssikola mirimu gya Kitange, era . . . nga ssirina nneeeyisa ya Kitange, temunzikiriza. Egyo, gye gyoleka nti Ye ali mu Nze, enneeeyisa Ze.”

¹⁰⁵ Kubanga, Kitaffe ye Kigambo, “Ku luberyeberye waaliwo Kigambo, era Kigambo yali wamu ne Katonda, era Kigambo yali Katonda,” era enneeeyisa za Katonda ziragibwa okuyita mu bisuubizo Bye eby’omulembe ogwo.

¹⁰⁶ Kati ssinga yaliwo mu biro bya Musa, tekyandikoze. Ne Musa ssinga yaliwo mu biro Bye, tekyandikoze. Ssinga yaliwo mu biro bya Nuuwa, tekyandikoze, oba ssinga Nuuwa ye yaliwo mu biro Bye. Nuuwa yali alagula ku bintu eby’ekiseera ekyo, era enneeeyisa ye n’ebyo bye yakola byamwoleka n’Ekigambo kya Katonda. Musa naye yakola ekintu kye kimu.

¹⁰⁷ Kati wano Yesu n’ajja, era Ekigambo ekyali kyasuubizibwa eky’omulembe ogwo kyalabisibwa mu Yesu Kristo okuyita mu nneeeyisa y’Ekigambo, nga ye Katonda. Amiina.

¹⁰⁸ Okufukibwa kw’Omwoyo Omutukuvu, mu nnaku ez’oluvannyuma, ku bantu aba bulijjo, kulaze enneeeyisa ya Katonda eri abantu. Ekyo yakisuubiza. Kye Kigambo. Yagamba nti alikikola. Tewali muntu yenna asobola kukiremesa. Yagamba alikikola.

¹⁰⁹ N’olw’ekyo ebintu bino byonna bye yasubiza, ebyo byennyini by’Akola. Ekyo kyoleka enneeeyisa Ye. Yee, ssebo. “Temukikiriza, temukikiriza bigambo Byange, bwe kiba nti enneeeyisa Yange si ye ya Katonda.”

¹¹⁰ Kati labayo mu Yokaana 14:12, “Oyo akkiriza Nze,” yagamba nti, “alina obukakafu Bwange, enneeeyisa Yange. Oyo akkiriza

Nze, emirimu gye nkola naye aligikola.” Ekyo kyoleka nti enneeyisa ya Kristo eri mu ye, nga eraga enneeyisa Ze. Amiina.

¹¹¹ Mpulira nga ndi mu mwoyo kati, yadde nga nsaakadde obulago. Yee, ssebo. O, abaffe! Olaba, tekibaako nsobi yonna! Bulamu Bwe! “Oyo akkiriza Nze, emirimu gye nkola naye aligikola.” Olaba, ekyo kye kyoleka enneeyisa.

¹¹² Ekintu kye kimu kye yagamba nti: “Enneeyisa Yange bw’eba nga teyoleka ekyo kyendi,” Katonda mu—mu Ye, awo Aba... temumukkiriza. Kati, era yagamba nti alitegeererwa ku ekyo. Kaakati, ekyo, bwe kitamwoleka, awo aba tali ekyo ky’Agamba.

¹¹³ Era, ne leero, Kristo bw’ateyooleka Ye mwene, nga enneeyisa ya Kristo etwoleka kye tuli nti tuli ba Kristo, tukkiriza Ekigambo... Yesu yali Kigambo, n’olw’ekyo yalina okukkiriza Ekigambo. Kaakati ffe tuyinza tutya okugamba nti tuli ba Kristo, ate ne tugaana ekitundu kyonna ku Kigambo kya Bayibuli eyo? Omwoyo Omutukuvu wa Kristo ye Katonda mu ggwe, era ajja kukkaatiriza buli kisuubizo kyonna ne “Amiina.” Bayibuli egamba nti, “Obubonero buno bunaagendanga n’abo abakkiriza.” Omwoyo wa Katonda n’agamba nti, “Amiina.” Okiraba?

¹¹⁴ Tekuli n’omu agamba nti, “Nedda, ekyo kyali kya mulembe mulala; ekyo kyali kya bayigirizwa bokka.”

¹¹⁵ “Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri buli kitonde. Oyo yenna, wonna w’ali mu nsi yonna, anakkiriza, obubonero buno bunaamugobereranga, ekintu kye kimu.” “Y’omu jjo, leero, n’emirembe gyonna,” enneeyisa nga erabisibwa.

¹¹⁶ Ekyo kireetera Abaebbulaniya 1:1 awagamba nti, “Katonda mu biro ebitali bimu na bimu, yayogeranga ne bajjajjaffe okuyita mu bannabbi,” okuba nga kyoleka Kristo, omuzuukivu leero, okuyita mu ngeri y’emu gye yakola mu biro ebyayita. Wali okyetegerezza? Katonda takyusa nkola Ye.

¹¹⁷ Mu Bayibuli ey’edda, omuloosi bwe yalootanga ekirooto, ate nga tewaaliwo nnabbi yenna mu nsi okusobola okulaba oba nga ekirooto kino kituufu oba nedda, baalina engeri endala ey’okukizuula. Baatwalanga omuntu oyo, yenna eyabanga aloose ekirooto, baamutwalanga mu yeekaalu. Ekyomukifuba kya Aloon, eyali kabona omukulu, kyawanikibwanga ku mpagi. Era omuntu ono eyabanga aloose yayogeranga ekirooto kye. Ssi nsonga kyali kiwulikika bulungi kwenkana wa, nga kiwulikika nga ekya nnamaddala; bwe wataabangawo Kitangaala ekisukkulumye ekya bulijjo nga kimasamasa ku mayinja ago, agayitibwa Ulimu Sumimu (mmwe abasomi ba Bayibuli ekyo mukitegeera); kati awo, ssifaayo oba kyawulikika kitya nga ekirina amakulu, tekyalina makulu. Engeri ya Katonda etali ya bulijjo, enneeyisa ya Katonda, yalina okulaga enneeyisa Ze mu ngeri esukkulumye amaanyi ag’obuntu, okusobola okulaga nti yeeyoleka wamu n’obubaka. Amiina.

¹¹⁸ Nange njogera ekintu kye kimu akawungeezi kano. Ulimu Sumimu eri enkadde tekyaliwo, naye Ekigambo kikyali ekintu kye kimu ekyoleka enneeeyisa ya Katonda, ekisuubizo eky'ekiseera kye tulimu. Waliwo enneeeyisa za Katonda ezirabisiddwa okuyita mu kisuubizo eky'ekiseera kye tulimu.

¹¹⁹ Ekyo kireetera Katonda okuba y'omu ddala nga bwe yali. "Mu biro ebitali bimu na bimu," laba, "mu ngeri ez'enjawulo, yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi." "Amateeka ne bannabbi byabaawo okutuuka ku Yokaana; okuva kw'olwo, Obwakabaka bw'Eggulu." Wekkaanye, "Naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma," akyayogera ekintu kye kimu kye yayogera luli, "nga ayita mu Mwana We Kristo Yesu." "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu, mu ngeri ez'enjawulo, yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi; naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma," nga akola ekintu kye kimu, "nga ayogera eri abantu (be bajjajjaffe) okuyita mu Mwana We Kristo Yesu." Yamuzuukiza okuva mu bafu, era mulamu Ali mu ffe, nga yeeyoleka era nga atutegeeza ebintu ebiribaawo, nga alaga nti y'Awawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omu mutima. Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna! "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera naffe okuyita mu Yesu Kristo Omwana We." Ekyawandiikibwa tekisobola kujjululwa. Kiri nga bwe kiri.

¹²⁰ Nga bwe nnayogera lumu, Katonda teyeetaaga muntu yenna kuvvuunula Kigambo kino. Ye yevvuunulira Ekigambo Kye Ye. Bw'Ayogera ekintu kyonna, kibaawo, okwo kwe kuvvuunulwa kw'akyo. Okiraba? Teyeetaaga muntu yenna kugamba nti, "Kale, ndowooza kitegeeza *kino*." Katonda akyoleka okuyita mu nzivuunula Eyiye ku Bubwe.

¹²¹ Kiri, ekisuubizo bwe kiba eky'ekiseera ekyo, tetusobola kutambulira mu kitangaala kya—kya—kya Luther, tetusobola kutambulira mu kitangaala kya Wesley, tetusobola kutambulira mu kitangaala ky'omu kw'abo. Tuteekwa kutambulira mu Kitangaala ekyasuubizibwa eri omulembe guno.

¹²² Watya ssinga Musa yaserengeta e Misiri, n'agamba nti, "Kale, tugenda kuzimba ekyombo ekinene. Tugenda kuseeyeyya tufulumme eggwanga lino. Omugga Kiyira gugenda kubooga"? Bandizzeeyo ne bakebera mu muzingo; nga tewali kisuubizo kikwata ku nsonga eyo. Ky'ekyo. Naye, olaba, yeeyoleka nga nnabbi wa Katonda, kubanga ekyo kye yayogera kyatuukirira, awo ne bategeera nti alina Ekigambo kya Mukama. Falaawo yalina mafumu, naye Musa yalina Kigambo. Kale bwe baatuuka ku nnyanja, amafumu gonna ne gabbira wansi mu nnyanja; naye Musa n'asomosa Isiraeri ennyanja, ku ttaka ekkalu, kubanga yalina Ekigambo, era ye yali Ekigambo eky'ekiseera ekyo. Musa ye yali Ekigambo ekirabisiddwa eky'ekiseera ekyo.

Eriya ye yali Ekigambo ekirabisiddwa eky'ekiseera ekyo.

¹²³ Kristo ye Kigambo ekirabisiddwa, n'ebisuubizo bye yakola. “Mu kaseera katono ensi tejsa kuddamu kundaba; naye ate mmwe mujja kundaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi. Emirimu gye nkola nammwe muligikola.” Yasuubiza ebintu bino. Kye kiki ekyo? Ye nneeyisa ya Katonda nga alaga Ekigambo Kye, nga bwe yakola okuyita mu mireembe emirala gyonna.

¹²⁴ Malaki 4, yagamba nti, “Nga olunaku olukulu olw'entiisa olwa Mukama terunnajja, laba, ndibatumira Eriya nnabbi; era alikomyawo okukkiriza kw'abaana okukuzza eri bakitaabwe, nga olunaku olwo terunnajja.” Yakisuubiza.

¹²⁵ Yesu yagamba, mu ssuula ey'e 17 ey'enjiri y'Omutukuvu Lukka nti, “Nga bwe kyali mu biro bya Sodomu, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu, Omwana w'omuntu nga abikkulibwa.” Okubikkulirwa nga kweyanjuluza, mu biro ensi w'eribeerera mu mbeera nga eyali mu Sodomu, kiriba kityo? Enneeyisa y'Ekyawandiikibwa ekyo eriba etuukirizibwa. Katonda nga yeeyoleka okuyita mu nneeyisa Ye, mu nneeyisa bulijjo z'Abaddenga yeeyisaamu. Tasobola kukivaako ekyo.

¹²⁶ Mu nnaku ez'oluvannyuma, yeeyoleka kuyita mu Mwana We. Wekkaanye engeri Katonda bino gy'abikolamu bulijjo ku . . . nga bw'A . . . Takyusa nkola Ye.

¹²⁷ Abasajja bano abasatu abaayogera ne Ibulayimu, nga bwe tubadde twogera awo, ku biro bya Sodomu.

¹²⁸ Ibulayimu yali musajja akkiriza Katonda. Yakkiriza Katonda nga Ekigambo Kye bwe kiri. Saala, mukyala we, yalina emyaka nkaaga mu etaano, Ibulayimu nga wa nsanvu mu etaano, mu kiseera Katonda we yamuyitira. N'abagamba nti baali bagenda kuzaala o—omwana; Ibulayimu yali wa kuzaala omwana mu Saala. Kiyinza okuwulikika nga eky'okukiina, naye nkubamu akafaananyi nga omukazi agula obu—obugatto bw'omwana n'obukwanso, na buli kimu kyonna, nga abitegeka, kubanga baali bagenda kufuna omwana ono.

¹²⁹ Oluvannyuma lw'ennaku abiri mu omunaana ezaasooka, tomanya, Ibulayimu oba oli awo yagamba Saala nti, “Owulira otya, kabiite?”

“Ssirinaawo njawulo.”

“Ekitiibwa kidde eri Katonda, tujja kumuzaala, mu buli ngeri.”

“Omanyidde ku ki?”

“Katonda yakyogera.”

Ne wayitawo omwaka. “Owulira otya, mukwano?”

“Ssirinaawo njawulo.”

“Tujja kumuzaala, mu buli ngeri. Katonda yakyogera.”

Emyaka etaano ne giyitawo. “Owulira otya kati, mukwano?”
 “Ssirinaawo njawulo.”

“Tujja kumuzaala, mu buli ngeri. Katonda yakyogera.”

¹³⁰ Kyali kiki? Yalina ekisuubizo kya Katonda. Yakkiriza Katonda, era ne yeeyisa nga Katonda bwe yeeyisa: yanywerera ku Kigambo ekyasuubizibwa. Ki . . .

¹³¹ Emyaka abiri mu etaano ne giyitawo. Obugatto bwali busiiwuukiridde, naye era omukazi n’asigala nga akwabulemeddeko. Kaakano omwami akaddiye, yenna akootakoota, era ali mu mbeera mbi ddala; n’enda ya Saala nayo kyenkana nfu, nga n’omusajja ali mu mbeera nga takyasobola kufunyisa mukazi lubuto. Nga bali mu mbeera mbi ddala!

¹³² “Owulira otya, Ibulayimu, kitaawe w’amawanga?” mikwano gye abeefaananyiriza abakkiriza bwe batyo bwe baamugambanga.

¹³³ “Weewaawo, ekitiibwa kidde eri Katonda, mpulira bulungi. Tujja kuzaala omwana oyo, mu buli ngeri.” Olw’okuba teyasagaasagana ku kisuubizo kya Katonda mu butakkiriza; wabula yali munywewu, nga atendereza Katonda, kubanga yali mumativu nti ekyo Katonda kye yayogera, Katonda asobola okukikola. Amiina. Eyo ye nneeyisa y’omukkiriza.

¹³⁴ Ate ggwe? Okiraba? Ate ffe, abaana ba Ibulayimu? Naffe tulabisibwa n’Ekigambo kya Katonda, nga ekisuubizo, nga empisa zaffe zitwoleka, nti ddala tukikkiriza? Oba, twesisigiriza bwesisigiriza, nga bwe tubuuka okuva wano, okudda wano, n’okudda wano, nga bwe tuteebereza, n’okukyewuunaganyaako? Awo, tetuba Bakristayo, tuba tugeegeenya bugeegeenya kukkiriza.

¹³⁵ Naye, bwe tuyimirira butengerera ku kisuubizo ekyo, ne tuyimirira nakyo awo ne tukinywererako! Ibulayimu kye yakola.

¹³⁶ Kati tukiraba nti, lumu yalaba abasajja basatu nga bajja, batambula. Bayibuli egambye wano nti, “Akasana kaali kaaka,” kiteekwa okuba nga bwali nga mu ttuntu. Abasajja bano bajja ne boogera naye. Tukitegeera nti ababiri ku bo baaserengeta emmanga mu Sodomu. Nzikiriza ekyo twakyogerako ekiro kya luli. Omu ku bo n’asigala naye.

¹³⁷ Wekkaanye Omusajja ono gwe yayita . . . eyasigala naye, kiki Omusajja ono kye yakola. Ekisooka enneeyisa Ye yali emwoleka, nti Ye Elohim.

¹³⁸ Elohim, ekigambo ekisookera ddala mu Bayibuli, “Ku lubereberye Katonda . . .” Kati, buli musomi yenna akimanyi nti ekigambo *Katonda* ekiri awo kitegeeza, mu Lwebbulaniya, kiri “Elohim,” ekitegeeza nti, “Omuyinza wa byonna, eyeemalirira mu byonna, eyeebzeeawo yekka,” teyeetaaga muntu mulala yenna kumuyambako, teyeetaaga kuvvuunula kwa muntu mulala yenna; Ye yevvuunulira Ebibye. Ye Katonda eyeemalirira

mu byonna, abeera wonna, amanyi byonna, ayinza byonna. Ye Katonda.

139 Nga Ye Wuuyo. Era Ibulayimu kati, omukadde ono eyali anyweredde ku Kigambo, yatunuulira Omusajja ono. Era Omusajja ono bwe yakuba weema omugongo, n'Agamba nti, "Mukyala wo aliwa, Saala?"

N'agamba nti, "Ali mu weema, emabega Wo."

140 N'agamba nti, "Ssirirema kukomawo gy'oli ekiseera ky'obulamu bwe kiridda, era olizaala omwana ono gwe nnakusuubiza."

141 Saala n'aseka olw'ekyo. Awo Oli eyali ayogera naye, n'amubuulira Saala ky'ayogedde mu weema, emabega We.

142 Kati, mu Luberyeberye, ekyo w'ojja okukisoma. Tukiraba nti awo, Ibulayimu, Omusajja ono nga amaze okweyoleka. . .

143 Kyali kiki ekyo? Abaebbulaniya, essuula 4, olunyiriri 12, wagamba nti, "Ekigambo kya Katonda kyogi, kya maanyi n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, ekyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima."

144 Yakitegeera nti ono ye Musajja. Yali akimanyi nti tewaaliwo bannabbi mu nsi okujjako ye, kale n'olw'ekyo Ekigambo kya Mukama kyali kizze gy'ali. Era ye yali nnabbi, era wano Ekigambo kyali kizze eri nnabbi.

145 Ekintu kye kimu ne Yokaana Omubatiza. Waali wayise emyaka bina nga tewali nnabbi. Nzijukira. . .

146 Oba oli awo muzeeyi Dokita Davis ayinza okuba nga atudde wano, akawungeezi kano, omubuulizi ow'edda ow'Ababaputisiti Abaminsani eyambatiza okuyingira mu Kukkiriza. Yateranga okumpakanya. Yagamba nti, "Billy, okyali mwana muto. Olina okumpuliriza."

Ne nḡamba nti, "Weewaawo, Ow'oluganda Davis, mpuliriza."

147 N'agamba nti, "Olaba, Yokaana teyatizibwa. Kale, yali abataza, naye ate ye yali tabatizibwanga; tewali n'omu yali asaanidde kumubatiza." Eyo njigiriza ya Kibaputisiti yennyini. "Awo Yesu n'ajja, n'agamba. . . Yokaana n'agamba nti, 'Nze nneetaaga Ggwe okumbatiza; lwaki ate Ggwe okujja gyendi?' N'amugamba nti, 'Kkiriza kibe bwe kityo.'" N'agamba nti, "Era bwe 'yamukkiriza,'" n'agamba nti, "olaba, awo Yesu n'abatiza Yokaana. Era bwe yava mu mazzi, awo eggulu ne libikkuka n'Alaba Katonda mu kifaananyi eky'ejjiba, nga limukkako, nti, 'Ono ye Mwana Wange omwagalwa, gwe nsanyukira okutuulamu.'" Naye, nedda, ssigezaako kwawukana bwawukanyi na Dokita Davis, naye yali mukyamu.

148 Olaba, Yokaana ye yali nnabbi, ate Ekigambo bulijjo kijja eri nnabbi. Kati Ekigambo bwe kiba nga kyafuuka omuntu,

ky'Alina kujja eri nnabbi, mu buli ngeri; kubanga, yali ajulira ku Kigambo, n'enneeyisa ye yennyini yamwoleka mu ekyo. Wano Ekigambo ne kijja, kaakati kiki ekyabaawo? Mangu ddala nga atuuse mu maaso ga Yesu, Yokaana yagamba kimu nti, "Nze nneetaaga Ggwe okumbatiza; lwaki ate Ggwe okujja gyendi?"

¹⁴⁹ Yesu n'agamba nti, "Kikkirize kibe bwe kityo, kubanga kitugwanidde (kitukakatako) okutuukiriza obutuukirivu bwonna." Yokaana nga ye nnabbi; Ye nga ye Kigambo. Ye ye yali Ssaddaaka, era Ye yali yeetegeka okutandika obuweereza Bwe obw'oku nsi, era Ssaddaaka yalina okusooka okunaazibwa nga tennaweebwayo. Era Yokaana n'amubatiza, kubanga yakitegeera. "Kikkirize kibe bwe kityo, kubanga bwe kityo bwe kitugwanidde okutuukiriza obutuukirivu bwonna." Ssadaaka yalina okusooka okunaazibwa nga tennaweebwayo, bw'atyo Yokaana n'amubatiza. Yesu ssi ye yali abatiza Yokaana. Yokaana ye yabatiza Yesu. "Kikkirize kibe bwe kityo."

¹⁵⁰ Weetegereze, wuuno wano Ibulayimu, era yalina Ekigambo kya Mukama. Ekigambo kya Mukama ky'ajja gy'ali. Ye yali nnabbi. Era wano Ekigambo ne kijja. Yamuyita, "Ibulayimu," so si *Ibulaamu*.

¹⁵¹ Ennaku ntono nga ekyo tekinnabaawo, erinnya lye lyali Ibulaamu—lyali Ibulaamu, naye kati liri Ibulayimu. Mukyala we yali Salaayi, naye kati liri "Saala," so si S-a-l-a-a-y-i; S-a-a-l-a. Ssi (I-b-u-l-a-y-i-m-u) I-b-u-l-a-a-m-u, naye I-b-u-l-a-y-i-m-u, Ibulayimu.

¹⁵² Era Omusajja ono yeeyoleka, bwe yagamba nti, "Ibulayimu!" Oh, bannange!

Ibulayimu n'agamba nti, "Elohim!"

¹⁵³ Kiikyo Ekigambo ne nnabbi, wamu, nga bombi balabisibwa.

¹⁵⁴ Elohim, n'Agamba nti, "Mukyala wo aliwa, Saala?"

¹⁵⁵ N'agamba nti, "Ali mu weema, emabega Wo." Awo ne... Ekyamagero ne kikolebwa. Elohim! Ibulayimu yamuyita Oyo, "Katonda eyeemalirira mu byonna, Omuyinza wa byonna, asobola byonna."

¹⁵⁶ Yesu yagamba nti, bwe yali ku nsi, yakola ekintu kye kimu Elohim kye yakola. Ekyo kyayoleka enneeyisa Ye nti ye Katonda.

¹⁵⁷ Era yagamba, nti, "Mu nnaku ez'oluvannyuma, mu kaseera ak'okujja kw'Omwana w'omuntu, bw'Alibikkulwa, ekintu kino kiriddamu ne kibaawo nate, nga bwe kyali e Sodomu." Elohim nga ali mu makkati g'abantu Be, oyo Katonda Omuyinza wa byonna! Ekyo Ekyawandiikibwa kye kigamba. Elohim mu makkati g'abantu!

¹⁵⁸ Okumala emyaka amakumi ana abadde atubatiza n'Omwoyo Omutukuvu, Elohim, Katonda! Era ekkanisa...

159 Labayo, Ibulayimu yalaba akabonero kamu, ekyaddako kwali kuyitibwa; akabonero, n'okuyitibwa; okuyitibwa, n'akabonero; nga alindiridde omwana oyo ow'ekisuubizo. Naye akabonero akasembayo ke yalaba, okulabikirwa okwasembayo, okukyalirwa kwa Katonda okwasembayo nga omwana eyasuubizibwa tannatuuka kulabisibwa, yali Elohim mu mubiri gw'omuntu. Awo omwana eyasuubizibwa n'ajja.

160 Ezzadde lya Ibulayimu nalyo lirindiridde Omwana oyo eyasuubizibwa, Yesu Kristo. Era balabye obubonero, okufukibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, okwogera mu nnimi, okuwonyezebwa okuva eri Katonda, n'ebirala. Naye Omwana w'omuntu bw'aliba abikkulwa, Elohim alikomawo nate eri Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo olulangira era alage ekintu kye kimu kyennyini kye yalaga mu biro biri, amiina, Elohim, nga bwe kyali! Lwaki? Kujja kuba kulabisibwa kwa nneeyisa ya Katonda.

161 Kati, nga Kristo bwe yali Katonda, "Esigadde akaseera katono ensi obutandaba nate; naye mmwe mulindaba, kubanga nja kuba nammwe, era mu mmwe, okutuusa mu kumaliriza, ku nkomerero. Emirimu gye nkola nammwe muligikola."

162 Yesu ekyo yakyogera mu—mu Lukka, essuula ey'e 17. Kale, kati bwe tukkiriza era ne tulaba ennaku ez'oluvannyuma, embeera eno erina okuddamu okubaaawo nate.

163 N'olw'ekyo, Abaebbulaniya 1:1, "Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu okuyita mu bannabbi yeeyoleka, mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayolesezza okuzuukira kw'Omwana We okuva mu bafu," okuyita mu kuwa Ekkanisa enneeyisa y'emu gye yalina, ekifuula Abaebbulaniya 13:8 okuba ekituufu ddala.

164 Ekyo tewali byoya byonna bisobola kukisowolwamu. Ebyo byoya bya mpungu. Bisigala binywevu, kubanga bya kinyonyi kya mu bwengula. [Ebbanga ku lutambi—Omu.]...birya mmere ya mpungu.

165 Kati tukiraba nti, "Mu biro ebitali bimu na bimu, mu ngeri ez'enjawulo, yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi, mu nnaku ez'oluvannyuma ayogera okuyita mu Mwana We Yesu Kristo, nga amuzuukiza okuva mu bafu." Era Wuuno wano mu makkati gaffe, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, Yesu y'omu, so si omu ku bannabbi; wabula Yesu, aleruuya, Omwana wa Katonda eyazuukira!

166 Yesu yagamba, olumu, yagamba nti, "Omulembe omubi era ogwakyama gunoonya akabonero, era akabonero bajja kukafuna." Omulembe omubi era ogwakyama. Ensi yali ebadde ddi ennyonoonefu, oba ejjudde obwenzi n'okukyamizibwa, okusinga bw'eri kati?

167 "Nga bwe kyali mu biro bya Yona, nga Yona bwe yamala mu lubuto lwa lukwata ennaku ssatu n'ebiro bisatu, n'Omwana

w'omuntu bw'alimala mu mutima gw'ensi ennaku ssatu n'ebiro bisatu."

168 Kati, "omulembe omubi era ogwakyama" gwali gwa kufuna akabonero. Kabonero ka ngeri ki? Akabonero ak'okuzuukira. Era tukalina leero, oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, Akyali mulamu. Ali mu makkati gaffe, akawungeezi kano, nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, nga yeeyoleka Mwene okuyita mu nneeyisa za Katonda, nga akola okulabisibwa kw'Ekigambo mu nnaku zino kye yasubiza okukola. Amiina.

169 Kiikyo Ekigambo. Kati munakkiriza akabonero? kye kiddako, ennaku ez'oluvannyuma, okulabisibwa Kwe okuyita mu Mwana We. Labayo.

170 Katonda yayogera ne Musa mu biro ebitali bimu na bimu. Mu Ekyamateeka 18:15, wagamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi alinga Nze." Kati weetegereze. Ekyo kye Kigambo. Ekyo kye Kigambo. Oyo yali Katonda. Oyo teyali Musa. Ekyo Musa yandikitegedde atya? Yali muntu buntu. Naye Katonda, nga ayogera okuyita mu Musa, ye yakyogera kino. Ekyo okikkiriza? Kale.

171 Kati weetegereze Yesu, laba engeri e—enneeyisa Ze gye zaayolekamu Ekigambo kino ekyasuubizibwa mu butuufu bwakyo. Mazima ddala yakikola. Yalabisibwa okuyita mu nneeyisa eno Musa gye yagamba nti bw'atyo bw'aliba.

172 Bangi ku bo, leero, baagala okulaba omukulembeze ow'ekitalo. "O, ono alina ddiguli y'obwa Dokita eya Ph. *Bw'eti-ne-bw'eti*. Ava mu Yunivasite ye Hartford." Oba nti, "Ava mu kitundu gundi eky'amaanyi." Katonda tategeererwa kw'ekyo. Nedda, nedda. Tekikirinaako kakwate yadde. Katonda ategeererwa ku Kigambo. Okiraba?

173 Yesu teyali muyivu, era teyali kabona, era teyali labbi, eri ensi. Eri ensi, yali kyewaggula.

174 Naye Katonda yali akakasa Ekigambo Kye okuyita mu Ye, ekyamufuula Emanweri. Ekyo kye kyali kimwoleka. Kati, wano, Yesu yali atuuikiririza ddala ekyo Katonda mu biro ebitali bimu na bimu kye yagamba okukola, okuyita mu Musa, nti ky'Alikola.

175 Kati labayo bwe yasisinkana Peetero, nga bwe twakiragamu ekiro kya luli, bwe yasisinkana Peetero era n'abuulira Peetero erinnya lye. Akabonero kano kaayoleka ekyo kye yeeyita eky'okuba Masiya, eri Peetero, kubanga Ekigambo kyali kyagamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi."

176 Era Peetero n'ajja, eyali ayitibwa Simooni, n'ajja we Yali. Yesu n'amutunuulira, n'agamba nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni, era oli mutabani wa Yona." Ekyo kyayoleka enneeyisa ya Kristo okuba Ekigambo kiri Musa kye yasubiza. Peetero yakitegeera nti akabonero ako kaali kalaga nti Yesu ye Masiya.

“Katonda yali mu Kristo,” amafuta ag’ennaku ez’oluvannyuma. Eri Nassanayiri. . . Jjukira nti, yagamba Simooni erinnya lye.

¹⁷⁷ Kati, labayo, ye Nassanayiri yamubuulira bye yakola. “Wabadde wansi w’omuti we nnakulabidde.” Ekyo kyali kimwoleka nti ye Masiya.

¹⁷⁸ N’agamba nti, “Ggwe Mwana wa Katonda. Ggwe Kabaka wa Isiraeri.” Yategeerwa ku nneeyisa y’Ekigambo ekyasuubizibwa ekyali kigamba nti yali wa kuba Masiya. “Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi.”

¹⁷⁹ Omukyala oli ku luzzi, yamubuulira ebimukwatako, era ekyo kyamwoleka okuba Masiya. Okiraba?

¹⁸⁰ Kye yali, enneeyisa Ye, byonna byali Kigambo nga kirabisibwa. Zaali nneeyisa Ze nga zooleka nti Kigambo yali Katonda, n’olw’ekyo oyo yali Katonda nga alabisibwa okuyita mu Kristo. Kati kyekkaanye. Labayo.

¹⁸¹ Eri Peetero, yalabisibwa eri Peetero nga amuyita erinnya lye. Yalabisibwa eri Nassanayiri nga amubuulira ebyo bye yakola. Omukazi yamutegeera, okuyita mu kumubuulira ebimukwatako. Bye ya. . . amannya *ge*; bye *yakola*; n’ekyo omukazi *kye* yali. Yalaga enneeyisa Ye ey’ekikula kya Masiya, eyalina okuba enneeyisa ya Masiya.

¹⁸² Weetegerere omukazi ono nga ayogera ekintu kye kimu. “Ssebo, ndaba nti Oli nnabbi. Tetubadde na nnabbi okumala ebikumi n’ebikumi by’emyaka. Tubadde n’amakanisa mangi, obuvuyo bungi n’enjawukana mu bibiina by’amadiini, naye tetubadde na nnabbi okumala ebikumi n’ebikumi by’emyaka. Tumanyi nti Masiya bw’alijja, ku kino kwe tulimutegeerera.”

¹⁸³ N’agamba nti, “Nze nzuuyo, ayogera naawe.” Tewali kubuusabuusa kwonna, “Ye Nze.” Ekyo kye kyamwoleka.

¹⁸⁴ Omukazi eyalina ekikulukuto ky’omusaayi, yamutegeerera ku Kigambo. Atya? Kw’ekyo kye yakola okukkiriza kwe bwe kwamukomako. Yakyuka n’agamba nti, “Ani ankomyeko?” Yakitegeera nti waliwo ekibaddewo. Ekyo kyayoleka Yesu okuba Masiya.

¹⁸⁵ Omukazi yakikkiriza, n’agamba nti, “Bwe nnaakoma obukomi ku kyambalo Kye, nnaawonyezebwa.”

¹⁸⁶ Era olwakikwatako bw’ati, n’Akyuka, n’agamba nti, “Ani ankomyeko?” Bonna ne bakyegaana. Naye enneeyisa Ye ey’ekikula kya Masiya. . .

¹⁸⁷ Amiina! Nsubira ekyo mukiraba, mmwe ekibiina. Muwulirize, nga bwe tuwunzika.

¹⁸⁸ Mu kaseera ako omukazi n’amukomako. Waaliwo abantu bikumi na bikumi, oba oli awo, abaali bagezaako okumukomako. Peetero yamunonya n’okumunonya, n’agamba nti, “Naye, bonna bakukomako.”

¹⁸⁹ N'agamba nti, "Kituufu, naye waliwo ankomyeko mu ngeri ey'enjawulo." Eyo ye njawulo eriwo, okukomebwako okwo okw'okukkiriza. Okiraba? Yagamba nti, "Waliwo ankomyeko. Kubadde kukomebwako kwa njawulo. Nnafuye. Nvuddemu endasi. Amaanyi ganvuddemu." Kati, wuuyo awo.

¹⁹⁰ Kati, n'abayigirizwa Be bennyini mu ngeri endala, baali nga abagamba nti, "Owulikika—owulikika nga aliko ekikyamu. Kubanga, abantu, buli omu akukomako."

¹⁹¹ Weetegerenze, weetegerenze engeri gye yeeyolekamu kati. Yakyuka, ne yeetoolooza amaaso mu kibiina. N'azuula omukazi. Yali takyasobola kwongera kwekweka. Yamubuulira ebikwata ku mbeera ye, n'agamba nti, "Okukkiriza kwe kumuwoyeeza."

¹⁹² Omukazi yakitegeera, okuyita mu kino, nti Abaebbulaniya 4:12, "Ekigambo kyawula ebirowoozo, n'okufumiitiriza kw'omutima." Enneeyisa Ze zaamwoleka nti Ye "Kigambo kya Katonda ekyambadde omubiri ne kibeera wamu naffe." Amiina.

¹⁹³ Ndwoozza nti ekintu kye kimu kye kimwoleka akawungeezi kano, Yesu Kristo eyazuukira nga mulamu mu makkati gaffe akawungeezi kano, nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Kati, nga Abaebbulaniya 13:8 bwe kiri eky'amazima, enneeyisa Ye eja kumwoleka ne leero, nga bwe yamwoleka luli, mu ngeri y'emu.

¹⁹⁴ Tunuulira Kulyopa n'abalala, oluvannyuma lw'amazuukira. Yesu yategeererwa mu ngeri gye yamenyamu omugaati guli, nti yakikola mu ngeri y'emu yennyini gye yakikolamu okusooka bwe yali tannakomererwa. Era ba . . . Ekyo kyayoleka enneeyisa Ye, kubanga eyo ye ngeri gye yali yakikolamu.

¹⁹⁵ Kati ssinga abadde wano akawungeezi kano, yandyeyolese atya? Mu ngeri y'emu gye yakola jjo, kubanga y'omu leero, era bw'aliba emirembe n'emirembe. Ekyo kye kimwoleka. Abaebbulaniya 4, nnya- . . . 14 ne 15, "Kaakano ye . . ." Wagamba nti, "Ye Kabona waffe Omukulu akwatibwako n'embeera y'obunafu bwaffe." Ye Kabona waffe Omukulu mu kaseera kano kennyini. Oluvannyuma lw'okuzuukira Kwe, oluvannyuma lw'okufa kwe, oluvannyuma lw'okuziikibwa Kwe, oluvannyuma lw'okuzuukira Kwe, oluvannyuma lw'okulinnya Kwe mu ggulu, amiina, asigala y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, Kabona Omukulu akwatibwako n'embeera y'obunafu bwaffe. Amiina. Ekyo ky'Ali, mu kaseera kano kennyini, eri buli musajja na buli mukazi anaakikkiriza. ye Kabona waffe Omukulu, y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

¹⁹⁶ Abeera mulamu bulijjo. Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omu.] Enneeyisa Ze bulijjo zimwolekera ddala nga bwe yali nga akyali ku nsi. Akyali mulamu wano, akawungeezi kano, mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu. Abeera mulamu bulijjo. Era enneeyisa Ze

zikyamugoberera, nga bwe zaali zimugoberedde, nga bw'Akyali omulamu.

¹⁹⁷ Ndi musanyufu, akawungeezi kano, okuba nti, “Katonda, mu biro ebitali bimu na bimu ne mu ngeri ez'enjawulo yayogera eri bajjajjaffe okuyita mu bannabbi, naye mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera okuyita mu Mwana We Yesu Kristo.”

¹⁹⁸ Bannange, ssitegedde nti njogeredde ebbanga eryo lyonna. Ekyo nnakyerabiridde ddala. Munsonyiwe. Ka...Ka nkome awo.

Tusabe.

¹⁹⁹ Kitaffe Ow'omuggulu, Katonda omukulu ajjudde okusaasira! Mukama, nyi—nyi...oba oli awo njogera nnyo. Nsaba, Katonda, bwe kiba nga kye nkoze, onsonyiwe. Naye, Mukama, ssisobola kusaba kusonyiyibwa olw'ebyo bye njogedde. Njogedde ebyo byennyini bye wayogera mu Kigambo Kyo wano.

²⁰⁰ Kaakano ekigambo kimu oba bibiri okuva gy'Oli, Mukama, oba oli awo buli omu ali wano anaakiraba akawungeezi kano. Abo bambi, abalwadde banaawonyezebwa bwe banaakiraba nti Ggwe okyali Kabona waffe Omukulu. Nsaba, Mukama, mu ddakiika zino entono eziddako, oleetere Obubaka buno okuba obulamu nate mu buliwo. Eri ebyo bye njogedde okuyita mu Kigambo, leka enneeeyisa Yo erabisibwe mu makkati gaffe, akawungeezi kano, okulaga nti Ggwe omu jjo, leero, n'emirembe gyonna, kubanga okuyita mu Linnya lya Yesu mwe tukisabidde. Amiina.

²⁰¹ Mulindeeko katono kati. Tu, nke—nkereyemukko, naye musobola okugumiikirizaako katono mwenna tube n'olunyiriri lw'okusabira abantu lwa ddakiika nga kkumi na ttaano, oba abiri? Bwe muba munaagumiikiriza, muyimuse emikono gyammwe, mugambe nti, “Tu...” Kale, mwe—mwebale nnyo. Nnasuubizza okubata ku ssaawa ssatu n'ekitundu. Kati ze ssaawa ezo; wabulayo eddakiika abiri ziwere. Kale ssinga mumpaayo eddakiika nga kkumi, nja kuyita mu bwangu ddala.

²⁰² Ka tulabe, bagabye kkaadi ki ez'ab'okusabirwa leero? [Ow'oluganda addamu nti, “O.”—Omu.] O? Kati, twatandikira ku mekka ekiro kya luli, ku emu, emu? [“Ndowooza yali emu.”] Weewaawo, uh-huh.

²⁰³ Era nate twa, eggulo, twa...Omwoyo Omutukuvu... Nnabadde mpuliriza leero, nga mpita mu ebyo ebyayogeddwa. Agamu ku mannya ago ag'Ekifalansa, nnabadde...Omwoyo Omutukuvu; ye ngeri yokka gye nnabadde nsobola okukikolamu, mulindirire bulindirizi mulabe.

²⁰⁴ Olaba, emirundi egimu bw'olaba okwolesebwa, kuba kuteekwa okukyusibwa kuvvuunulwe. Kuba kuvvuunuddwa. Okwolesebwa, tugeze oyinza—oyinza okulaba e—endiga, ekyo kiyinza okuba kitegeeza byoya bya ndiga. Olaba,

oteekwa okufuna n'okuvvuunulwa kwakwo, olaba, n'okyusa okwolesebwa okwo n'okuvvuunula.

205 Era nneetegerezza ekiro kya jjo, nna—nnabadde ssisobola kwogera mannya ago ag'Ekifalansa, nnabadde nnina kugaatula nnyukuta emu ku emu.

206 Mu Afirika ne mu bifo ebyo ebya aba Kotentooti n'abakaafiiri, n'ebintu nga ebyo, Aba yeetaaga okwatula amannya gaabwe nnyukuta emu ku emu, n'ababuulira amannya gaabwe, nga agaatula nnyukuta emu ku emu mu lulimi lwabwe. Bo, balitegeererawo, kasita otandika okulyatula nnyukuta emu ku emu. Naye, olaba, naye Ye amanyi ennimi zonna. Ye Katonda Ataggwaawo.

207 Akawungeezi kano leka tutandikire ku, ka tugambe, nsanvu mu ttaano, okutuuka ku kikumi, mu O. Eri O, si bwe yagambye? I. . . [Ow'oluganda addamu nti, "Weewaawo. O."—Omuk.] O, O. Weewaawo. Kale. Ani alina kaadi nnamba nsanvu mu ttaano ey'okusabirwa, leka tugirabe? Mu O, kaadi O, nsanvu mu ttaano, yimusa omukono gwo, ggwe wenna agirina. Mwenna aba kaadi eza O. Kale. Mujje *wano* wennyini. Nsanvu mu ttaano, kinaana, kinaana mu ttaano, kyenda, kyenda mu ttaano, kikumi, mujje erudda *eno* bwe muba musobola. Kale, mu, musimbe olunyiriri wano, mu bwangu ddala, kubanga tetujja kuba na budde bumala. Ka nzikirize nti mugenda kukikola.

208 Tunula ku kaadi yo ey'okusabirwa. Tunula ku kaadi ya muliranwa wo ey'okusabirwa. Nga kya. . . Era bwe wabaawo omulema yenna, mumuleete butereevu mu lunyiriri lw'okusabirwa. Kati bwe baba balina O, tugeze O, nsanvu. . .

209 Nsanvu mu ttaano okutuuka ku kikumi, musimbe *wano* olunyiriri, bwe muba musobola. Wonna w'oli, waggulu mu mwaliiro ogwa waggulu, n'awalala wonna, jangu wano wansi, era jangu mu lunyiriri mu bwangu ddala nga bwe kisoboka, bw'oba osobola, tusobole okulokola obudde.

210 Kati mmwe abasigadde abali wano, abatalina kaadi za kusabirwa, muyimuse emikono gyammwe mugambe nti, "Ssirina kaadi ya kusabirwa, Ow'oluganda Branham, naye nzikiriza"? Muyimuse emikono gyammwe.

211 Kati mujjukire nti, njenda kwogerako gye muli ku bikwata ku Kabona Omukulu. "Ye Kabona Omukulu akwatibwako n'embeera y'obunafu bwaffe." Ye *Yakuwa-Yire*, "ssaddaaka ya Mukama gy'agabiridde." Ye *Yakuwa-Rafa*, "Mukama awonya endwadde zo zonna." Ekyo mukikkiriza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ye *Yakuwa-Manase. Akagabo, engabo, emirembe* gyaffe, ekyo ky'Akyali. Kati, bameka abakkiriza nti amannya ga Yakuwa ago gonna ag'obununuzi gaakolera mu Yesu? ["Amiina."] Mazima ddala, yalina okuba. Bw'aba—bw'aba. . . Kubanga, tebasobola kwawulwamu, n'olw'ekyo yalina okuba amannya ago gonna. Era bw'aba

nga akyali Yakuwa-Yire, era ye Yakuwa-Rafa. Bw'aba nga Ye Yakuwa-Yire. . . Ye *Yakuwa-Yire*, ye "ssaddaaka ya Mukama gy'agabiridde ey'obulokozi," kitegeeza Ye *Yakuwa-Rafa* oyo "awonya endwadde zaffe zonna." Amiina. Okuwonyezebwa kusobola kuva eri Katonda wokka.

²¹² Kale, nga abantu bwe basimba olunyiriri; ssirina budde bumala kulaba be b'ani na kiki kye bali. Naye kati, buli yenna ali eyo nga okimanyi nti ssikumanyi, yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nnina ekyetaago eri Katonda. Naye tommanyi, Ow'oluganda Branham, naye nnina ekyetaago eri Katonda. Njenda kuyimusa buyimusa omukono gwange."

²¹³ Kati nja kudasaba musooke mukkakkane okumala eddakiika ntonotono, mwegereze, mwegendereze, musirike. Kati ssigenderera, bwe njamba nti, "musirike," . . . Mukama bw'abaako ne ky'akola kyonna, oyinza okwagala okutendereza Mukama; okwo kuba kusinza. Naye kye ntegeeza, "kwe kudduka ne wetooloola wonna, n'osituka," omanyi, ekyo tekiraga kussaamu kitiilwa. Okiraba? Ate Omwoyo Omutukuvu yeekengera nnyo, yeekengera nnyo. Okiraba? Ekintu nga ekyo bwe kibaawo, anvaako buvi, awo ne mba nga nnina kulwana bulwanyi, nate, okiraba. Naye bw'owuliriza!

²¹⁴ Mujjukira ekisuubizo Kye ekisooka? "Leetera abantu okukukkiriza, era obe mwesimbu, tewali kintu na kimu kijja kuziyiza saala yo." Ekyo mukijjukira? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—OmuK.] Ekyo bwe kiri. Era ekyo. . . Ssinakirabako nga kiremererwa, era tekiriremererwa. Oyo Katonda.

²¹⁵ Kati tugenda kwanguwamu n'olunyiriri lw'ab'okusabirwa, tusobole okutuuka ku bangi nga bwe kisoboka, olw'obungi bw'abantu. Naye ggwe alina kaadi ey'okusabirwa naye nga eyiyo teyitiddwa akawungeezi kano, sigaza kaadi yo, tujja kukutuukako. Kale.

²¹⁶ Kati mmwe abali eyo nga temulina kaadi za baakusabirwa, mujjukire. Oba, mmwe abali eyo, oba mulina kaadi ez'okusabirwa oba nedda, mukkirize bukkiriza nti Ali wano nga Abaebbulaniya essula 4 bw'egamba. "Ye Kabona Omukulu akwatibwako n'embeera y'obunafu bwaffe." Mulabe oba taasigale. . . Mulabe oba nga Yakuwa yeeyolese mu makkati g'abantu Be, nga bwe yakola mu biro bya Sodomu. Weewaawo.

²¹⁷ Kale, ssebo. Kaakano leka tusabe, kati, mubeere bakkakkamu ddala. Kati mujjukire nti, Ekigambo ekiva eri Katonda kisinga omuntu omulala yenna by'asobola okwogera. Kati, omusajja ono wano, ssi—ssimumanyi. Era nsuubira a. . . Ssikumanyi, si kye kyo, ssebo? [Ow'oluganda addamu nti, "Weewaawo."—OmuK.] Tetumanyiganye. Tumanyi ekintu kimu, nti ffembi lumu tulina okuyimirira mu Kubeerawo kwa Katonda; nga abantu, tulina okusisinkanayo Eyo. Guno gwe mulundi gwaffe ogusoose okusisinkana.

218 Kati bw'ojja wano, oyinza okuba oli mulwadde, ssimanyi; kiyinza okuba ekintu ekirala, olaba. Naye bwe—bwe nkussaako emikono, ne njamba nti, “Mukama atenderezebwe! Genda, owonyezebwe.” Ekyo kiba kimala. Osobola okukkiriza ekyo. Naye ate ssinga akubuulira ekikutawaanya? Kati, olaba, ekyo kiba kya njawulo, awo okitegeera nti ekyo kyoleka nneeyisa Ye. Okiraba, eyo teba nneeyisa yange. Nze ndi muntu; ssisobola kubaako na kye mmumanyiiko. Nnaakava okumugamba nti, “Ssikumanyi.” Naye tammanyi. Naye ekyo kiba kinaakola ki? Ekyo kiba kijja kwoleka enneeyisa ya Yesu Kristo abeera obumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Nga akitegeera nti tekisoboka kuba nze, tekisoboka kuba nze, kubanga nze omusajja ssimumanyi. Nsobola n'okuyimusa omukono gwange; Ekigambo kiikino wano. Okiraba? Ssimumanyi. Naye tammanyi. Wabula enneeyisa ya Yesu Kristo. . .

219 Ssinga Yesu abadde ayimiridde wano, omusajja ono, omulwadde, n'agamba nti, “Mukama Yesu, mponya,” Yesu kiki kye yandimugambye? “Nnamala dda okukikola.” Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omul.]

220 “Yafumitibwa olw'okwonoona kwaffe; olw'emiggo Gye twawonyezebwa.” Obununuzi bwonna bwe tusobola okufuna bwajasulibwa dda e Kalivaaliyo. Okuva kw'olwo, ekyetaagisa kukkiriza, okukkiriza omulimu ogwaggwa edda okukolebwa. Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omul.] Kale.

221 Kati, kati Yesu bw'aba mulamu, era nga njogedde kuva mu Kigambo Kye. . . Ky'ekyo, nga ozzeeyo ku ngeri ya bulijjo n'okukkiriza, nga okkiriza Ekigambo Kye. Bwe yansisinkana ekiro ekyo, yagamba nti, “Ojja kutuuka ekiseera otegeere n'ebiyama ebikusike eby'omu mitima gyabwe. Bwe batakkirize kabonero ako akasooka ak'omukono, bajja kukkiriza kano.” Okiraba? “Ekyo bwe bataakikole, olwo omusaayi gujja kukolimira ensi.”

222 Nga bwe kyakolebwa mu biro bya Musa. Yagamba nti, “Bwe batalikkiriza bubonero obwo bwombi, awo yiwa omusaayi ku ttaka,” olaba, “yiwa amazzi ku ttaka, gajja kufuuka omusaayi.”

223 Kati okugezaako okuzuula, ssinga mba nsobola okulaba ekikutawaanya, ekyo kijja kukumatiza era kikuleetere okukkiriza, ssi bwe kiri? [Ow'oluganda addamu nti, “Mazima.”—Omul.] Okimanyi nti eba erina kuba nneeyisa ya Muntu oyo gwe njogerako, Yesu Kristo.

224 Omusajja ono, bwe mmutunuulidde, azze emabega. Aliko ekisiikirize. Tewali ngeri yonna eddagala gye lisobola kuyambamu musajja ono. Ali mu mbeera ya kufa. Ekyo bwe kiri. Yalongoosebwako, era okulongosebwa okwo kwali kwa kookolo w'akatuuka. Era oyo kookolo, kati kookolo oyo yabuna omubiri gwo gwonna. Ekyo bwe kiba nga kituufu, yimusa omukono gwo. Katonda yekka y'asobola okumuwonya.

[Ow'oluganda agamba nti, "Aleruuya! Aleruuya! Aleruuya!"—Omuk.] Naye, labayo, nnina kye njagala okukugamba, ssebo. Omuzimu ogwo guyinza okuba gw'asobola okwekweka akaso k'omusawo alongoosa, naye tegusobola kwekweka Katonda. Ekyo okikkiriza? Okikkiriza? ["O! O!"] Kale kati, nsaba nti, mu Linnya lya Yesu Kristo, leka ekintu ekyo kimuveeko, leka omusajja abeere mulamu. Tewali buzibu bwonna; anafuye bunafuyi. Kale.

²²⁵ Ggwe nange tetumanyiganye, omusajja n'omukazi basisinkana. Kati, nze nga omusajja, ssikumanyi. Era oba oli awo, naawe nga omukazi, tommanyi; olabika okoma ku kulaba bulabi linnya lyanage, oba ekifaananyi, oba ekintu bwe kityo. Naye nga tetumanyiganye. Ezo ze nneeyisa zaffe ez'enjawulo. Tewali amanyi nneeyisa ya munne. Naye enneeyisa ya Kristo, ye Ye Kigambo, ate Ekigambo kyasubuzibwa eri omulembe guno. Ompulidde nga nkyogerako. Kati nno enneeyisa Ze zirina okumwoleka wano. Si nze kumwoleka. Nze ssikumanyi. Okitegeera. Eki—ekibiina kyaffe mukitegeera ekyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Okiraba? Ndi—ndi muntu. Ndi mwannyoko kye kyokka.

²²⁶ Nga omukazi eyali ku luzzi, ka tugambe nti waliwo ekikyamu, olina ekikutawaanya, oba ky'oyagala, oba ekikuleese wano. Ekyo leka Katonda y'aba aba omulamuzi. Tolina musaayi. Ky'ekyo, ssi bwe kiri? [Mwanyinnaffe addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.]

²²⁷ Ekyo nte—ntera okukisisinkana, omuntu ayinza okulowooza nkiteeberezza buteebereza. Ssikiteeberezza. Nedda. Ntera okukiwulira, olumu n'olumu, wabaawo omuntu omu. Temusobola kukweka birowoozo byammwe kati. Kati mmanyi, waliwo, ababuusabuusiza ddala abazibu nga babiri abatudde wano. Okiraba? Kale kati mujjukire nti nsobola okuyitayo amannya gammwe, nammwe, Katonda asobola, n'olw'ekyo mulekere awo okulowooza bwe mutyo. Ka mbalage.

²²⁸ Tunula wano, nnyabo. Ntunuulira. Ssimanyi kiki ky'Akugambye, naye mma—mmanyi ky'Ali. Era eyo ye nneeyisa Ye nga erabisiddwa. Weewaawo, tolina musaayi, omusaayi, amazzi.

²²⁹ Kati, wano, wano waliwo ekintu. Tulabe bwe baba balowooza nti kuno kuteebereza buteebereza. Olina omwana gw'osabira, ali wano. [Mwanyinnaffe addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Bwe kiri. Alina, mu mumiro gwe, ["Weewaawo."], amabwa, obuzimba. Agenda kulongoosebwa. Ekyo si kituufu? ["Weewaawo."] Twala akatambaala ako okamuteekeko, okkirize. ["Weewaawo."] Tobuusabuusa. Tebija kwetaaga kulongoosebwa. Kati kikkirize n'omutima gwo gwonna.

230 Oli otya? Ensonga eri, lwa mukazi ono wano, olina kye weeraliikiridde. Otya nti enkovu gye yazaalibwa nayo efuuse kookolo. Uh-huh, uh-huh. Kati genda, nga okkiriza, era tekijja kubaawo. Genda bugenzi, nga okkiriza n'omutima gwo gwonna. Nneeyisa za Katonda, si zange; wabula Zize!

231 Mukkiriza kaakano? [Ekibiina kiddamu nti, “Amiina.”—Omuk.] Ekyo kisaanidde okuleetera buli muntu okukkiriza. [“Amiina!”]

232 Kati, ssikumanyi. Tetumanyiganye. Katonda akumanyi. Okikkiriza nti...? Okimanyi nti ssikumanyi, era okimanyi nti naawe tommanyi, kati okkiriza nti Omwoyo guno ogwogera kati tegusobola kuba mwoyo gwange? Kubanga, nze, nga omuntu, ssikumanyi. Wabula enneyisa z'Ekigambo ekyasuubizibwa kye Kigambo ekyogi okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, ekyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima.

233 Oli mulwadde nnyo. Walina obulwadde bw'ekikyala, nga yali nnabaana, era nnabaana oyo yaliko kookolo. N'ogenda n'obaako obujjanjabi bwe wafuna, bw'ali bujjajanjabi obw'okukozesa ekirungo ekya radiyamu, naye ekintu kyokka kye bwakola kwali kumusaasaanya mu mubiri gwonna. Era oli—oli wa kufa ssinga Katonda aba takuwonyezza. Ekyo kituufu. Okkiriza kaakano nti anaakuwonya? [Mwanyinaffe addamu nti, “Weewaawo.”—Omuk.] Leka Katonda ow'Eggulu anenye omwoyo omubi ogwo ogwekwese omusawo. [“O!”] Guyinza okuba nga gwekweka ekirungo kya radiyamu, wabula tegusobola kwekweka Mwoyo Mutukuvu. Genda, mukkirize, kaakano, mwannyinaze. Tobuusabuusa n'akatono, wabula kkiriza.

234 Okkiriza nti Katonda asobola okuwonya embeera eyo eya asima, n'owonyezebwa? [Ow'oluganda addamu nti, “Weewaawo.”—Omuk.] Okikkiriza? Kati nno genda makubogo, nga ojaguza, nga ogamba nti, “Weebale, Mukama. Nzikiriza nti asima wange agenze.”

235 Oli otya? Weeraliikiridde. Omaze ebbanga nga weeraliikirira. Munda muli, kikuviiriddeko okufuna amabwa agasajjuse mu lubuto lwo, ekikuleetera okulumwa mu—mu lubuto. Era oyagala...Wandyagadde okulya eky'eggulo kyo? Onaakola kye nkugamba okukola? Genda, olye, mu Linnya lya Mukama Yesu.

236 Okkiriza n'omutima gwo gwonna? [Mwanyinaffe addamu nti, “Nzikiriza.”—Omuk.] Oli mukazi omuto alabika obulungi, bw'otyo bw'olabika. Onzikiriza okuba omuweerereza We? [“Amiina.”] Okkiriza nti enneyisa Ye esobola okuba wano, oku...Ekigambo, Kyennyini, n'ekisuubizo ky'omulembe guno nti, “Emirimu gye nkola nammwe muligikola”? [“Amiina.”] Ssisobola kuwonya. Ekyo yamala dda okukikola; naye enneyisa Ye emwoleka, esobola okumanya ekikutawaanya.

Olina obulwadde bw'ekikyala, bulwadde bw'ekikazi. ["Yee, ssebo."] Okkiriza nti Katonda akuwonya kaakano? ["Weewaawo. Amiina."] Genda makubo go, tekijja kuddamu kukutawaanya nate. Kkiriza n'omutima gwo gwonna.

²³⁷ Onzikiriza okuba omuweereza We? [Mwanyinaffe addamu nti, "Yee, ssebo."—OmuK.] Ssinga Katonda ambuulira obuzibu bwo, onakkiriza nti eyo nneeyisa ya Yesu Kristo? Buli mu mugongo gwo. Tebukyaliwo. Genda, kkiriza n'omutima gwo gwonna. Kkiriza.

²³⁸ Jangu, nnyabo. Naawe olumizibwa mu lubuto. Kkiriza n'omutima gwo gwonna, era ogende olye eky'eggulo kyo. Kyerabire. Yesu Kristo akuwonyezza.

²³⁹ Jangu. Obuzibu bwo musaayi gwo. Olina sukaali. Okkiriza nti Katonda anaakutereza n'amukuwonya? Genda makubo go, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama Yesu," akuwonyezza. Genda, kkiriza n'omutima gwo gwonna.

²⁴⁰ Jangu. Mugongo gwo, okkiriza nti Katonda anaawonya omugongo n'otereera? Genda makubo go, nga ojaguza, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama Yesu."

²⁴¹ Naawe obadde n'obuzibu bw'omugongo gwo. Weeyongere okutambula, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama. Mponyazeddwa." Kikkirize n'omutima gwo gwonna.

²⁴² Naawe obadde n'obuzibu bw'omugongo. Ekyo okimanyiiko ki? Kkiriza n'omutima gwo gwonna kati, ogende makubo go era owonyezebwe. Kkiriza nti Yesu Kristo akuwonyezza. "Bw'oba osobola okukkiriza, byonna biyinzika." Kale.

²⁴³ Watya ssinga ssirina n'ekimu kye nkugambye, n'ajja buzzi ne mmussaako emikono, okkiriza nti yandiwoyazeddwa? Balaba ekibadde kimutawaanya. Okkiriza nti yandiwoyazeddwa? Jangu wano. Nziyiza omwoyo guno omubi, mu Linnya lya Yesu Kristo. Leka amaanyi ga Katonda gawonye omwana. Amiina. Tobuusabuusa, tobuusabuusa n'akatono, ajja kuwonyezebwa. Kkiriza n'omutima gwo gwonna.

²⁴⁴ Katonda bw'atakuwonya, ojja kuba ku miggo olumu, olw'amakajja. Naye okkiriza nti Katonda akuwonya amakajja? Kati awo genda, nga ogamba nti, "Weebale, Mukama. Nja kukukkiriza, naawe ojja kumponya." Kale.

²⁴⁵ Sembera kaakano. Kiva ku myaka gyo. Weeraliikiridde nnyo. Weeraliikirira nnyo ddala, mu budde obw'akawungeezi. Bw'oba okola na buli kimu kyonna, obeera mweraliikirivu nnyo. Okkiriza kaakano? Tekijja kuddamu kukutawaanya. Genda makubo go, nga bw'ogamba nti, "Weebale, Mukama Yesu."

²⁴⁶ Jangu, ssebo. Okkiriza nti Katonda awonya obulwadde bw'omutima? [Ow'oluganda addamu nti, "Weewaawo."—OmuK.] Nti anaawonya omutima gwo? Genda mu maaso nga

bw'otambula, nga ogamba nti, "Weebale, Mukama. Nzikiriza n'omutima gwange gwonna."

²⁴⁷ Katonda awonya akafuba, era, atereeza byonna. Ekyo okikkiriza, ssebo, n'omutima gwo gwonna? [Ow'oluganda addamu nti, "Nkikkiriza."—OmuK.] Kale. Genda makubo go nga bw'ojaguza, nga ogamba nti, "Weebale, Mukama Yesu."

²⁴⁸ Ate mmwe abali eyo, mukkiriza? Ate ekibiina? Abamu ku mmwe abali mu kibiina kati mukkiriza.

²⁴⁹ Omusajja ono atudde wano wennyini, alina amabwa mu mawuggwe, okkiriza nti Katonda ajja kuwonya obuzibu obwo obw'amabwa mu mawuggwe? Kale, osobola okufuna ekyo ky'osabye, kati. Amiina.

²⁵⁰ Owa puleesa eya waggulu, atudde awo wennyini emabega we. Okkiriza nti Katonda ajja kukuwonya puleesa yo eyo? Ekuvuddeko, ssebo. Ssimumanyi, ssimulabangako mu bulamu bwange.


²⁵¹ Kati, ssebo, okkiriza nti okulumizibwa okwo mu binywa byo, okwesika okwo okw'ebinywa, okkiriza nti Katonda anaakuwonya? Okikkiriza? Yimusa omukono gwo bw'oba okikkiriza. Kale.

²⁵² Mukyala wo atudde awo, atawanyizibwa ekiwanga. Okkiriza nti kikuvaako, naawe, mwannyinaze?

²⁵³ Omukyala atudde awo wennyini emabega waffe, alumizibwa obusimu bw'omubiri. Okkiriza nti Katonda anaawonya obusimu bw'omubiri gwo, nnyabo?

²⁵⁴ Wano waliwo omukyala ayambadde akakooti, kakooti kamyufu, wano. Atudde wano. Atawanyizibwa ekiwanga, naye. Okkiriza nti Katonda anaakuwonya obuzibu bwo obw'ekiwanga? Yimusa omukono gwo, bw'oba okikkiriza.

²⁵⁵ Omuntu omulala yenna wano akkiriza nti enneeeyisa za Yesu Kristo ziri mu makkati gaffe, akawungeezi kano, yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nkikkiriza." [Ab'omu kibiina bajaguza ne bagamba nti, "Nkikkiriza!"—OmuK.]

²⁵⁶ Mwenna abali munda wano, abanaamukkiriza nga omuwonya wammwe, muyimirire ku bigere byammwe, mugambe nti, "Nkikkiriza." Muyimirire. Musituke, okuva mu butebe bwammwe, kyonna kye kiri. Yesu Kristo abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna. Nkibawa, mu Linnya lya Mukama Katonda. 

64-0320 Katonda Nga Yeeyoleka Okuyita Mu Nneeyisa Ze
mu ssomero lya Denham Springs High School
e Denham Springs, Louisiana Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. Box 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org